Luganda
65-0220

# EKIFO KYA KATONDA KYE YEEROBOZA OKUMUSINZIZAAMU

God's Chosen Place Of Worship

20.02.1965
Jeffersonville, Indiana, USA

By
William Marrion Branham

www.biblebelievers.org/messagehub

This book may be freely distributed or reproduced on a non-commercial basis and is licensed under a Creative Commons Attribution-Noncommercial-No Derivative Works 2.5 License. See www.biblebelievers.org/messagehub for details on this license.

Ai Omwana gw'endiga ogw'e Kalivaaliyo,

Katonda Omulokozi;  Kati nsaba ompulire nga nsaba,

Ggyawo okulumirizibwa kwange kwonna,

Era nsaba okuva ku lunaku luno wenna    obeere wange!

Ka tuwanike emikono gyaffe nga tuluyimba.

Okukkiriza kwange kutunuulira ggwe,

Ai Omwana gw'endiga ogw'e Kalivaaliyo,

Ai Katonda Omulokozi;

Kati nsaba ompulire nga nsaba,

Ggyawo ebibi byange byonna,

Era nsaba okuva ku lunaku luno wenna obeere wange!

Ka tukoteke ku mitwe gyaffe kati nga tulumuumuunya.

Nga ntambulira mu kizikiza ekisaanikidde obulamu,

Era ng'ennaku enneetooloodde,

Beera Omulunngamya wange;

Leka ekibadde okizikiza gube omusana,

Sangula amaziga ag'okunakuwala kwange,

Era tondeka kuwabanga

Nga nkuvaako.

Nga mukotese ku mitwe gyammwe, omusumba waffe omwagalwa, Ow'oluganda Orman Neville, ajja kusiibula ekibiina.

# EKIFO KYA KATONDA KYE YEEROBOZA OKUMUSINZIZAAMU

**1.** Leka tusigale nga tukyayimiriddeko akaseera nga bwe tukotese ku mitwe gyaffe tusabe. Era kati, ng'emitwe gyaffe gikotekeddwa, nzikiriza nti n'emitima gyaffe, nagyo gikotekeddwa, simanyi oba bameka abali wano leero abalina ensonga ez'enjawulo, abandyagadde okujjukirwa mu kusaba? Oyinza okuwanika ku mukono gwo, n'ogamba, "Katonda wange, nsaba leero ompe ekyo kye nnoonya." Mukama abawe omukisa.

**2.** Kitaffe ow'omu Ggulu, kati mu buwombeefu nga bwe tusemberera Entebe eno ey'ekitalo ey'ekisa, mu kukkiriza, tuyingirayo eyo; eyo Katonda, ne bamalayika, ne Bakerubi, n'eggye lyonna ery'omu Ggulu gye bakunngaanira. Kubanga yagamba tekiyinzika enkazaluggya emu okugwa ku ttaka nga Kitaffe w'omu Ggulu takimanyi. Tekisingawo nnyo Ye okumanya wano nga ebikumi n'ebikimi by'abantu bakotese emitwe ggyabwe era nga bakukoowoola olw'ebyetaago eby'enjawulo. Kitaffe, tunuulira leero ensi eno ejjudde okwetaaga, kubanga tuli bantu abeetaaga.

**3.** Katonda wange, era nsaba, nti olw'okuba tukunngaanye wano olw'okwagala    okukulaga okukkiriza kwaffe kwe tulina mu Katonda oyo ayanukula essaala; tufulumyeyo mu nsi y'abo, abataakomolebwa mitima na matu, tufulumye tusobole okubeera obulamu obweyawudde, era n'okubeera n'obulamu obulina okukkiriza mu Ggwe. Era tuwanise emikono gyaffe leero, nga tugamba, "Tuli abeetaaga." Katonda omwagalwa, ddamu buli kyetaago kya buli omu.

**4.** Era kati, tusaba otukyalire leero mu Kigambo. Tujja wano olw'okuwabulwa, olw'okutegeera, tusoboole okumanya engeri ey'okubeerawo mu lunaku luno; ki kyetulindirira mu maaso, ki eky'okukola. Kubanga tumanyi nga okujja kwa Mukama waffe kunaatera okutuuka, nga obubonero bwonna bannabbi bwe baalanga. Tusemberedde ekiseera, Mukama, okununulibwa okujuvvu we kunaawerwa eri abaana Bo. Katonda, kkiriza buli omu ku ffe abeereyo, Kitaffe. Waleme okuba n'omu atalibeerayo. Ekyo kye kigendererwa kyaffe eky'okubeera wano, Mukama. Tukwagala, era tugezaako okweteekateeka olw'essaawa eyo.

**5.** Yogera gye tuli, tusaba nate leero.Era wonya abalwadde. Abalwadde bonna n'abanyigirizibwa abali mu kizimbe kino, tusaba obawonye, Mukama; n'okusingira ddala abo abalina ebyetaago eby'omwoyo. Tusaba olokole emmeeme eyabula. Jjuza buli mukkiriza n'Omwoyo Omutukuvu. Era ozze

buggya amaanyi n’embavu mu baana bo abakkiriza. Otuwe ebintu bino, Kitaffe. Tusaba bingi, kubanga watugamba tusabe, “musabe bingi, musabe ebintu ebinene, bingi nnyo,” essanyu lyaffe liryoke lituukirire.

Era tubisabye mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina. Muyinza okutuula.

**6.** Mazima ddala guno ngutwala nga mukisa gwa njawulo nnyo leero, okukomawo wano ku kituuti nate, wano mu ssomero lino, okusisinkana abantu abalungi bano abakunngaanye okuwulira Enjiri. Nsaba ekisa kya Katonda kinnyambe okubabuulira amazima nga bwe ngamanyi nti Mazima. Era Akyasobola okuziba akamwa k’omuntu mu ngeri y’emu Gyeyaziba akamwa k’empologoma. Era singa ngezaako okwogera ekintu kyonna ekikyamu ekikontana n’okwagala Kwe, essaala yange ey’obwesimbu eri nti azibe akamwa kange, nneme kukyogera. Kubanga mazima,nange njagala okubeera mu Ggulu; era olwo mba sikyabaddeyo, ate era, ng’oggyeeko ekyo, mbeera mukulembeze wa bulimba, omuntu abeera akoze ekintu mu bukyamu. Singa nkikola, kiba lwakuba mbeera simannyiyo kirala. Mukama abawe omukisa.

**7.** Kaakati, enkya ku makya, bwe kunaabeera okwagala kwa Katonda, nja kwogera ku ssomo eryo, *Okufumbiriganwa n’Okwawukana*. (EKIGAMBO EKYOGERE, VOL.4, No. 13 – Omuwa.) . Era twesize nti mujja kujja, era mulireeta ekalaamu n’empapula zammwe. Tetujja kutwala kiseera kiwanvu nnyo, naye njagala ku . . . Ekyo kye kigendererwa kyange okukomawo okusooka wano mu Indiana, kubanga ekyo nakibasuubiza. Era enkya kye nja okukola, ku makya. Bwe sikibuulire enkya ku makya, nja kukibuulira akawungeezi. Naye nngenda kugeezaako enkya ku makya, Mukama ng’ayagadde, okwogera ku ssomo, ery’endowooza ez’emirundi ebiri. Era Katonda atuyambe okutegeera Amazima, okumanya Amazima,kiki kye gali , bwe tutyo tusobole okutambulira mu Mazima ne mu Musana. Ffe …

**8.** Omanyi, nalina mukwano gwange ow’edda omuddugavu. Yanngamba, yagamba, “Ow’oluganda Billy,” yagamba, “Ndi—saagala buzibu bwonna ku mugga.” Yagamba, “Njagala mbeere n’ettikiti yange mu ngalo. Era ffirimbi bw’erifuuyibwa, saagalawo kutawaanyizibwa kwonna. Nnasaba Mukama, ebbanga ddene eriyise, nti bwe wabaawo ekintu kyonna ekikyamu, leka nkitereereze ddala kati,” yagamba, “kubanga kiriba kazigizigi na muyaga ku makya ago ekyombo bwe kiriba nga kigenda okudda emitala w’eri.” N’agamba, “Saagalawo kuteteganyizibwa kwonna awo. Njagala mbitereeze kati byonna.” Eyo y’ensonga lwaki tuli wano, okugezaako okumalawo okuteteganyizibwa kwonna, bwe kityo tusobole okulinnya ekyombo ku ssaawa eyo ng’etuuse.



Era ndagira Setaani okuva mu kibiina kino. Mu Linnya lya Yesu Kristo, vva mu bantu bano, era babeere ba ddembe!

**131.** Buli muntu yenna akkiriza okuwonyezebwa kwe nga yeesigama ku Kigambo ekiwandiike, kikakase ng’oyimirira ku bigere byo ogambe, “Kaakati nzikiriza okuwonyezebwa kwange mu Linnya lya Yesu Kristo.” Yimirira ku magulu go. Katonda atenderezebwe! Ky’ekyo. Laba eno, ng’abalema n’abalala basituka. Katonda atenderezebwe. Ky’ekyo. Kkiriza bukkiriza. Ali wano. Nga kya kitalo!

**132.** Eyo mu kibiina, ebweru, abali ku massiimu, mwandirabye! Ndowooza nti buli muntu ali wano, nze nga bwe mmanyi, oba bangi ku bo, ku mulundi guno bayimirira. Oh, nga kiseera kya kitalo! Ekyo ky’ekiki, kwe Kubeerawo kwa Mukama! “Awo awaba Okubeerawo kwa Mukama, we waba eddembe, waliwo okusumululwa.” Omwoyo wa Katonda atufuula ab’eddembe.

**133.** Kati nga bw’amaze okutuwonya, tumukkiriza. Yatulokola; tumukkiriza. Abo abaagala okubatizibwa, ekidiba weekiri kitegekeddwa. Ekiseera kyonna, essaawa yonna, gy’oyagala okujjiramu, wajja kubaawo omuntu akulinze.

Era kati ndowooza, nga tetunnamaliriza, tulina okuyimbayo oluyimba olw’edda olw’ekkanisa. “Mmwagala, kubanga ye yasooka okunjagala.” Wanika emikono gyo eri Katonda tuluyimbe n’emitima gyaffe gyonna!

Twagala tubasisinkane wano ku makya, ku ssaawa ssatu n’ekitundu, mu kizimbe kye kimu, n’eky’okuyigako kyaffe eky’*Okufumbiriganwa n’Okwawukana.* Kale. Ka tuluyimbire wamu kati ffenna. Mmwagala,

Leka ekibiina kyonna kye kiba kiyimba ekyo! Nammwe mwenna abali ku massiimu, nammwe, muluyimbe. Kubanga ye yasooka okunjagala N’angulira obulokozi Ku muti e Kalivaaliyo.

**134.** Ky’akolerwa wa? Ku muti e Kalivaaliyo. Nga bwe tuyimba nate njagala obeeko gw’okwataako mu ngalo akuliraanye, ogambe, “Katonda akuwe omukisa, mutambuze munnange.”

Nja. . . [Ow’oluganda Branham akwatako ku w’oluganda mu ngalo—Omuk.]

Kubanga ye yasooka. . . N’angulira obulokozi Ku . . .

135. Oh, temumwagala? [Ekibiina kiddamu, “Amiina.”—Omuk.] si wa kitalo? [“Amiina.”] Ye ky’ekifo kyo eky’obwekweka? [“Amiina.”] Lwe Lwazi mu nsi ekooyesa. Bwe buwonero mu kiseera eky’omuyaga, Ekiddukiro kyokka kye mmanyi. N’olw’ekyo:

Okukkiriza kwange kutunuulira ggwe,

n'abo abakkiriza; bwe banassanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Bameka abamanyi nti ekyo bwe kiri, Makko 16, wagamba, "Amiina." [Ekibiina kiddamu, "Amiina". –Omuwa.] Kale. Kati nkusaba ggwe ng'omukkiriza okuteeka emikono ku oyo yenna akuli mu maaso. Teeka buteesi mikono ku muntu yenna akuli mu maaso, era leka kati buli omu asabire munne essaala.Teeka emikono ku muntu yenna akuli okumpi.

**127.** Mukama, wano mu maaso gange waliwo akabookisi k'obutambaala, obuntuntu obulungi; waliwo maama omu bambi aliko waali, naye ng'afa, era n'omwana anaatera okufa, abalwadde buli wamu. Tusoma mu Bayibuli nti baatwalanga obutambaala n'ebiremba ebyaggyibwanga ku mubiri gwa aPawulo, era ne bissibwanga ku balwadde; bwe kityo emyoyo emibi, n'emizimu emigwagwa, n'okulwala n'endwadde, ne bivanga ku bantu. Kati, Mukama, tukimanyi nti si ffe Omutukuvu Pawulo, naye tumanyi nti ggwe okyali Yesu y'omu, ekifo kya Katonda kyokka ekyatuweebwa eky'okusinzizangamu. Era kati, leero, abantu bano baatudde okukkiriza kwabwe, nga bakkiririzaddala ng'abantu bali bwe baakola. Mazima ddala obateereddewo ekkubo! Kati nteeka emikono gyange ku butambaala buno era nga nsaba nti endwadde n'okunyigirizibwa bive ku mibiri gy'abantu bano bwe bunassibwa mu linnya lya Yesu Kristo.

**128.** Kaakati, tuyigiriz ibwa, nti Isiraeri bwe yali ng'eva e Misiri, mu buvunaanyizibwa, baali ku lugendo lwabwe olubatwala mu nsi ensuubize. Ennyanja Emmyufu ne yeekiika mu kkubo lyabwe. Katonda n'atunuula ng'ayima mu Mpagi y'Omuliro, ennyanja n'etya, n'edda ennyuma n'evira Isiraeri n'esomoka okugenda mu nsi ensuubize. Ai Katonda, leero, tunuula wansi ng'oyita mu Musaayi gwa Yesu, era, era endwadde zonna zeesende, ne Setaani ogobebwe. Era abantu batuuke mu kyasuubizibwa eky'obulamu obulungi n'amaanyi, kubanga Katonda yagamba, "Okusinga byonna, njagala mukulaakulane mu bulamu obulungi."

**129.** Mukama Yesu,Kati nga bw'olaba, , emikono gy'abantu bano buli omu ateesse ku munne, gyoleka akabonero ak'okukkiriza kwabwe bwe wagamba, "Obubonero buno bunagendanga n'abo abakkiriza." Basabiragana mu ngeri yabwe bokka na bokka. Waliwo omuntu omulala abasabira.

**130.** Kati, Mukama, kuno kwe kusoomooza, kuba Setaani, omukulu w'okutisatiisa talina buyinza kukwata mwana wa Katonda. Ky'ekitonde ekyawangulwa. Yesu Kristo, ekifo kyokka eky'okusinzizaamu, Erinnya lyokka ettuufu, yamuwangulira e Kalivaaliyo. Era mu kaseera kano kennyini tuyita Omusaayi Ggwe, ogwawangula obulwadde bwonna, na buli ndwadde.



**9.** Kaakati, sigya kwogera gye muli kiseera kiwanvu leero, kubanga tulina enkunngaana biri enkya. Kati olwo butereevu, nja kubaako awalala we ndaga, olw'enkunngaana, endala.

**10.** Naye, kati, mu Kitabo Ekyamateeka Olw'okubiri. Njagala okusoma okuva mu ssuula 16, ennyiriri essatu ezisooka, mu Ekyamateeka Olw'okubiri 16: 1 okutuuka ku 3.

*Okwatanga omwezi Abibu, weekuumenga Okuyitako… eri Mukama Katonda wo: … mu (ogwokuna) mwezi Abibu Mukama Katonda wo mwe yakuggira… mu Misiri ekiro.*

*Era onottiranga Okuyitako Mukama Katonda wo, ku mbuzi ne ku nte, mu kifo Mukama kye yeeroboza okutuuza omwo erinnya lye.*

**11** Kati, essomo lyange leero liri: *Ekifo Kya Katonda Kye Yeeroboza Okumusinzizaamu.* Bwe weetegereza, omwezi A-b-i-d-i…b yeriwo, gutegeeza, "Apuli." Mu mwezi gwa Apuli we baggirwayo.

Kati ekintu eky'enjawulo gye tuli leero, ffe ng'abasinza Katonda, mu lunaku luno mwetuli, kye ky'okuzuula nti tulina endowooza z'abantu nnyingi ez'enjawulo. Era kasita wabaawo endowooza ez'enjawulo ku kintu, waba walina okubaawo ebibuuzo eby'enjawulo; era walina okubaawo eky'okuddamu ekituufu kimu ku buli kibuuzo ekibuuzibwa. Singa mbuuza ekibuuzo, "Kino kiki?"

"Kale," bandigambye, "mmeeza"

"Yaaki?" Mulaba?

**12.** Kati, awo, omu ayinza okugamba, "Eyo si mmeeza. Lubaawo." Kale, olwo lubaawo, naye ate nga mmeeza. Mulaba? Wateekwa okubaawo eky'okuddamu ekituufu ku ekyo. Era singa mbuuza ekibuuzo ku kintu kyonna, wateekwa okubaawo eky'okuddamu ekituufu. Wayinza okubeerawo ekintu ekikyefaananyiriza; naye wateekwa okubaawo eky'okuddamu ekituufu ku buli kibuuzo.Olaba, waba waliwo eky'okuddamu ekituufu ku ekyo.

**13.** Era kati singa mbuuza ekibuuzo ku kintu kyonna, wabeera waliwo eky'okuddamu ku kyo ekituufu. Wayinza okubaawo ekikyefaanaanyiriza; naye wabeera walina okubaawo eky'okuddamu, ekituufu ku buli kibuuzo. N'olw'ekyo, nno, buli kibuuzo ekijja mu bulamu bwaffe, wateekwa okubaawo eky'okuddamu kyennyini, ekituufu.

Era kaakati, leero, tuwulira—tuwulira bagamba, bangi ku bantu baffe mu nsi leero…

Era olw'okuba omubuulizi w'enjiri, ntambudde enngendo nnyingi nnyo emitala w'amayanja n'okwetooloola ensi, nsisinkanyenga enzikiriza nnyingi

ez'enjawulo, okugeza nga ba Buddah, ne ba Muhammed, ne Sikhs, Jains, n'abalala, ab'enzikiriza eziri mu nsi. Kati olwo wano mu America yaffe; n'amawanga amalala ag'ebweru, tusisinkana amakanisa gaffe gonna ag'enjawulo, okugeza ng'amakanisa gaffe ag'ebibiina by'amadiini, okutandikira ku Ekereziya ya Ruumi eyasooka, n'okugendera ddala ku Bayonaani, n'amalala, ne – n'emikolo egy'enjawulo, n'okutuukira ddala mu . . . mu mirembe gyonna egy'ebibiina by'amadiini, egy'ebibiina by'Ekipulotesitanti ebisobera ddala mu lwenda.

Kati, buli emu kuzo, mu butuufu ddala, olaba nga zirina ensonga, era sibanenya. Buli emu egamba nti be batuufu, be balina amazima. Era n'abantu b'omu makanisa ago balina okukkiriza ebyo, kubanga bawaddeyo—obulamu bwabwe, enkomerero y'obulamu bwabwe, bagisiza ku ku kuyigiriza kw'ekkanisa eyo. Era ze yawudde nnyo, buli emu ku jinne waayo, okutuusa lwe kyatondawo ebibuuzo eby'enjawulo lwenda n'okusoba. Bwe kityo, bwe biri ebibuuzo eby'enjawulo lwenda n'okusoba, walina okubaawo eky'okuddamu kimu ekituufu. Era njagala ffe leero, olw'okuba tugenda muGgulu n'okusisinkana Mukama waffe Yesu, Oyo ffenna gwe twagala, njagala okunoonye mu Byawandiikibwa okukizuula ekyo.

**14.** Kati, bwe kibeera ekibuuzo kya Bayibuli, olwo kirina okubeera n'eky'okuddamu ekya Bayibuli. Tekitekeddwa kuva mu kibiina kya bantu, okuva mu lukunngaana olumu, oba okuva eri abasomesa abamu, oba okuva mu bibiina by'amaddiini ebimu; kitekedwa okuva butereevu mu Byawandiikibwa awali ekifo kya Katonda, w'asisinkanwa, eky'okumusinzizangamu. Era mazima, nga bw'ali Katonda, waliwo ekifo ky'okusisinkaniraamu awantu awamu, w'asisinkanwa.

**15.** Kati, tukizuula wano nti mu Ekyamateeka Olw'okubiri wano, ku lubereberye, Musa nga anokoola Ebyawandiikibwa, ebintu bye yali ababulidde; engeri gye yabaggyayo, n'omukono ogw'amaanyi, okuva mu Misiri, ogw'ekitalo, era n'okutandika okubaako w'abatuuza. Baali bayitibwa "abantu ba Katonda" okutuusa lwe baava mu Musiri, olwo awo ne bayitibwa "ekkanisa ya Katonda," Kubanga, ekkanisa kwe kukunngana oba e… Mazima e*kkanisa* amakulu gaakyo *ekkanisa*, "abayite," abo abayitiddwa okuva mu kintu. Era baafuluma e Misiri basoboole okuyitibwa ekkanisa.

**16.** Kati Katonda yabagamba bwe baali – nga tebannaba kuzimba yeekaalu, era ne byonna bye baakola, "Ndyeroboza ekifo ky'okunsinzizangamu, era Nditeeka Erinnya lyange mu kyo." Era ekyo ky'ekifo kyokka Katonda kyalina okusisinkaniraamu omuntu yenna, ky'ekyo kye yeeroboza. Yeeroboza ekifo kye. Kati awali ekifo kye yeeroboza, we yateeka Erinnya Lye. Olunyiriri olw'okubiri lututegeeza ekyo, Aliteeka Erinnya lye mu kifo ky'alyeroboza



abamu ku Bantu bange batudde wano leero, abo abaava wansi w'Omusaayi ogwo. Nga nkyajjukira bulungi ebigambo bya taata wange! Era nsaba, Katonda omwagalwa, nti waleme okubaawo n'omu ku bo abuula. Kituwe, Mukama. Kaakati nkukkiriza, na buli kimu kyonna kye nsobola okukukkiriza nakyo.

**123.** Tambula eri baganda bange, bannyinaze, mikwano gyange, abali mu kifo kino leero ne bonna abatuwulira ku mpewo. Bangi abawuliriza mu mawanga ag'enjawulo, okuviira ddala ku lubalama lw'ebuvanjuba okutuuka ebugwanjuba. Nsaba, Katonda omwagalwa, okugendera ddala okumalako eddungu eryo ery'e Tucson, n'okutuukira ddala mu California, emambuka mu Nevada ne Idaho, eyo mu buvanjuba n'okwetooloola, emmanga eri mu Texas; abantu bwe bayitibwa, batuulira ddala mu— makanisa gaabwe amatonotono, ku masundiro g'amafuta, mu maka, nga bawuliriza. Ai Katonda, tusaba omusajja oba omukazi eyabula, omulenzi oba omuwala, ku ssaawa eno, bajje gy'Oli. Kikkirize kati. Tukisaba mu Linnya lya Yesu, bazuule ekifo kino eky'obuddukiro ng'ekiseera kikyaliwo. Bwe tulaba ekiwandiiko ku kisenge, ng'ensi etabuse, manya ekiseera eky'okununulibwa kituuse. Ekitundu ku gwanga lyaffe kiika wansi mu ttaka, ekitundu ekirala kyekulungula n'okwonoonebwa musisi, Yesu nga bwe yagamba nti bwe kiriba. Bo obudde buleme kubayitako, Mukama. Bakikkirize kaakati, kubanga tubaleeta gy'Oli ng'amakungula g'olukunngaana, olw'Enjiri. Mu Linnya lyYesu . Amiina.

**124.** Mumukkiriza? Katonda abawe omukisa. Bameka abakkiriza nti ago ge mazima, eno ku kkono wange, muwanike ku mikono. Bameka ku ddyo, muwanike ku mikono. Katonda abawe omukisa, nga ndaba, buli omu. Ge Mazima ab'emikwano. Katonda amanyi nti ago ge Mazima.

**125.** Kati nga tuli mu Ye, era olw'okuba tuli mu Ye, olina obuyinza ku buli kintu kye yafiiririra. Kati yafiiririra ki? "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku Ye era emiggo gye gye gituwonya." Ekyo mukikkiriza? Olw'okuwonyezebwa mukkiriza omutango gwe?

**126.** Waliwo omulwadde mu ffe? Muwanike ku mikono gyammwe, ku kkono oba ku ddyo. Bangi abalwadde. Sisobola kuyita bakusabira wano. Mulaba, sina... sisobola okujja wano ku kituuti. Tewali ngeri yakukikolamu.

Balinayo enkunngaana eyo ez'okusaba mu bifo ebirala, okusabira abalwadde, mu makanisa eyo yonna, n'eyo mu tabernacle. Nngenda kubaako kye mbabuuza. Bameka abakkiriza wano? Muwanike emikono. Kirungi. Nngenda kubanokolera Ekigambo, Kristo yennyini. Obubaka bwa Yesu obwasembayo eri nsi, manyanga, eri ekkanisa, yagamba, "Obubonero buno bunaagendanga

**118.** Kati abali ku mukono ogwa ddyo, muwanike ku mikono gyammwe, mugambe, “Njagala okujjukirwa” Ndowooza waliwo nga kikumi mu ataano, oba okusingawo, wano ku ddyo. Tulina wano ekkanisa erina ekidiba ky’amazzi ekinene; omusumba, omusumba waffe omulungi, Ow’oluganda Orman Neville, baweereza bannaffe, abasajja bano okwetooloola wano be mulaba era be mutera okusisinkana. Buli lunaku, bulijjo, era buli ssaawa, abantu abaagala okubatizibwa, nga beenenyezza lubeerera babeera awo nga babalindiridde. Era singa onoogondera ekiragiro ekyo ng’oli mukakafu, n’ekisuubizo kya Katonda, era ng’oli mwessimbu mu mutima gwo, ojja kufuna okuatizibwa kw’Omwoyo Omutukuvu.

**119.** Waliwo ekifo kimu kyokka eky’okusinzizaamu. Kati, ekyo si y’ekkanisa. Ekyo kiri mu Kristo. Tumuyingiramu tutya? “N’Omwoyo omu twabatizibwa okuyingira mu Mubiri guno ogumu.” Ka tusabe.

**120**. Katonda omwagalwa, emikono gino gyonna egiwanikiddwa, giraze nti wansi w’emikono egyo waliyo omutima, okulumirizibwa nti ddala mu butuufu beetaaga obuyambi okuva gy’oli . Kitaffe, nsabira buli gumu ku gyo. Era nngenda kunokola Ekigambo kyo. Wagamba, “Oyo awulira Ekigambo kyange, n’akkiriza oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo, era talijja mu musango; naye ng’avudde mu kufa okutuuka mu Bulamu.”

Kitaffe, nga wayise wiiki ntono, bwe bakomawo, babuuze, “Kino ky’aba kitya?”

“Kale, kyagenda.”

“Kale, ate . . .”

“Byagenda.”

**121.** Katonda omwagalwa, tuyitiddwa omu ku omu, tusoomoozeddwa omu ku omu okutambulira mu kiwonvu eky’ekisiikirize ky’okufa. Era entuuko zisembedde eri buli omu ku ffe, ffe abantu abafa. Wabula, otuteereddewo omutango, nti singa tumukkiriza ne tubatizibwa mu Linnya lye, ojja kutuyingiza. Era kati mu Mubiri guno, Omubiri gwa Kristo, si mu kkanisa; naye mu Mubiri gwa Kristo, Omubiri ogwo gwamala dda okulamulwa. Tekikyagwetaagisa kujja mu Musango. Kubanga Katonda yafuka dda obusungu bwe ku mubiri ogwo, era omubiri ogwo tegukyaliko kibi; kubanga, bwe tuba mu Ye tuggibwako ekibi olw’okutangirira kw’Oyo eyatufiirira. Kati awo we tubeerera n’okussa ekimu ffekka na ffekka, omusaayi gwa Yesu Kristo, Omwna wa Katonda, gutukuuma nga tuli balongoofu eri buli kibi.

**122.** Kitaffe, Katonda, nsaba buli omu ku bo obasembeze mu Bwakabaka Bwo. Ai Katonda, kikkirize. Waleme okubaawo n’omu ku bo abuula; ku bo waleme okubula omulenzi oba omuwala, omusajja oba omukazi. Mukama,



abantu okumusinzizangamu.” Kati, ensonga eri nti, twagala kuzuula kifo ekyo wekiri.

**17.** Nga waliwo endowooza ez’enjawulo nga lwenda n’okusoba, ne zibeera nga zonna zibuusizza amaaso enzikiriza y’ekikaafiiri, wabula nga zoogera ku nzikiriza ya Bukristaayo. Nnina okulumirwa eri abakafiiri oba si ekyo mazima saandibadde nga nngenda yo kwogera nabo, naye bakyamu. Obukristaayo bwokka y’ezikiriza entuufu, Obukristaayo obwo. Era ekyo sikyogera bwe ntyo lwa kuba ndi Mukristaayo; naye kubanga, nzikiriza nti ekyo ge Mazima. Ye nzikiriza yokka entuufu.

**18.** Nnatuukako ku ntaana embalaasi enjeru w’ekyusibwa buli luvannyuma lwa ssaawa nnya. Awo wennyini, Mohammad, kabona ow’ekitalo nga—era omukulembeze eyajja oluvannyuma lwa Kristo, eyali agambibwa okuba nnabbi, , era, sibuusabuusa ki kye yali, oluvannyuma lwa ba Maccabee brothers. Naye bwe . . . Weyafiira. Yaagamba nti alizuukira nate nti era aliwamba ensi yonna. Kati, buli luvannyuma lwa ssaawa nga nnya bakyusa abakuumi, era eyo embalaasi enjeru bagikuumira awo ku malaalo ge. Kati balinze, okumala emyaka enkumi nga bbiri, nga bamusuubira okuzuukira era awangule ensi yonna. Naye olaba . . .

**19.** Kati bw’odda ku ba Buddha; Buddha yaliwo emyaka ebikumi bingi egiyise, emyaka ng’enkumi bbiri mu bisatu egiyise, katonda w’e—wa Japan. Era bw’atyo yali mufirosoofo, nga bw’olaba Confucius, n’abalala. Naye bano bonna, olwa. . . abatandisi, na bonna, bonna baafa n’obufirosoofo bwabwe, era baziikibwa bali mu ntaana.

Naye Obukristaayo obwatandikibwawo Yesu Kristo, entaana njeerere. Ye muntu yekka eyali abadde ku nsi, n’ayayimirira n’agamba, “nnina obuyinza okuwaayo obulamu bwange n’okubuzuukiza nate.” Era yakikola. Ne leero mulamu.

Era tumanyi nga mulamu, kubanga ali naffe era nga yeekakasa n’obubonero obulabika n’ebyeewuunyo, bye yasuubiza nti alibiraga. Si nakindi, Empagi ey’Omuliro eyakulembera abaana ba Isiraeri okuyita mu ddungu; eri naffe leero, nga tulina n’ekifaananyi kyayo ekyakwatibwa; ng’ekola obubonero n’ebyeewuunnyisa bye yasuubiza nti alibikola mu lunaku luno, era tulaba ebigambo byonna bye yasuubiza nga birabisibwa mu lunaku luno. N’olw’ekyo, ensi yonna ey’abakaafiiri esigadde erekeddwa bweru. Kiri Bukristaayo bwokka!

**20.** Kati, nga bwe waliwo ebibuuzo lwenda n’okusoba ebikwata ku Katonda wa w’asisinkanirwa, “Asisinkanibwa mu Bamesodisiti, oba asisinkanibwa mu ba Baputisiti, asisinkanibwa mu kino, kiri, oba ekirala.”

Kati, awo we wali ekibuuzo, n'olw'ekyo buli omu alina okukoleerera obulokozi bwe mu kutya n'okukankana.

Naye ekiro kya leero, njagala njagala okuzuula era okukakasa mu Byawandiikibwa, wa ekifo ekyo ekituufu gye kiri Katonda gy'asisinkanira era n'asinzibwa abantu. Era olwo, ekyo bwe kinaaba kityo, ekyo ky'ekifo kyokka wayinza okusisinkanwa.

**21.** Kati, twaggye essomo lino mu Ekyamateeka Olw'okubiri. Kigambo kya Luyonaani, ekirina amakulu ag'emirundi ebiri, oba ekitegeeza " amateeka abiri." Ekigambo ky'Oluyonaani *Ekyamateeka Olw'okubiri* kitegeeza "amateeka g'emirundi ebiri ag'enjawulo." Era Ekyo kyennyini Katonda ky'alina, amateeka g'emirundi ebiri ag'enjawulo. Era erimu ku go ly'etteeka ly'okufa n'eddala ly'etteeka ly'Obulamu. Katonda alina amateeka abiri. Okumugobereranga, n'okumuweerezanga, n'okumusinza bwe Bulamu, okukigaana kubeera kufa. Waliwo amateeka abiri mu Katonda.

**22.** Kati, erimu ku mateeka ago lya... lyategeezebwa eri ensi ku Lusozi Sinaayi. Katonda yawa Musa ne Isiraeri Amateeka. Si lwakubanga Amateeka gasobola okubayamba, naye Amateeka gaabalaga bulazi nti baali bonoonyi. Okutuusa ekiseera ekyo baali tebamanyi kibi, okutuusa lwe baweebwa amateeka. Tewayinza kubeerawo mateeka awatali kibonerezo. Etteeka teribeera tteeka awatali kibonerezo. Kale n'olw'ekyo, okusobya ku mateeka ky'ekibi, era empeera y'ekibi kwe kufa. Kale n'olw'ekyo okutuusa Katonda lwe yabakolera amateeka, tewaliwo butali butuukirivu obwababalirwa.

Bwe watabeerangawo tteeka wano erikukugira okuvuga okusuuka mmayiro abiri buli ssaawa, kale olwo osobola okuvuga okusuuka mmayiro abiri buli ssaawa. Naye bwe wabeerawo etteeka erigamba nti toteekeddwa kukikola, kale waliwo etteeka n'ekibonerezo kyakwo.

**23.** Kati, okufa kwali – etteeka ly'okufa bye biragiro ebyaweebwa ku Lusozi Sinaayi ebyategeeza omuntu nti yali mwonoonyi, era bwe yasobya Amateeka ga Katonda, yafa. Kati temuli bulokozi mu mateeka. Ggali bubeezi muserikale ayinza okukuteeka mu kkomera; tegaalina busobozi bwonna bwa kukuggyayo. Wabula ate yawa Etteeka eddala. Kwali ku Lusozi e Kalivaaliyo eyo ekibi gye kyabalibwa ku Yesu Kristo. Era eyo omutango gwasasulibwa, era si na – awatali tteeka, naye olw'ekisa walokolebwa," okuyita mu kwawulibwa kw'okumanya edda okwa Katonda nti olibaawo.

**24.** Kati, tulaba amateeka gano abiri, Ekyamateeka Olw'okubiri, kyogeraku mateeka gano ag'emirundi ebiri. Waaliwo amateeka ga mirundi ebiri. Agamu gaali mateeka ga kufa, amalala mateeka ga Bulamu.



Mazima ddala oliraba ekkubo erigenda mu kitiibwa;

Mu kkubo ly'amazzi mwe muli Omusana leero,

Nga tuziikibwa mu Linnya ery'omuwendo erya Yesu Kristo.

Abato n'abakadde, mwenenye ebibi byammwe byonna,

Mazima Omwoyo Omutukuvu anakubatiza okuyingira;

Kubanga Omusana ogw'akawungeezi guzze;

Mazima Katonda ne Kristo bali Omu.

**114.** Oh, ow'oluganda, mwannyinaze, bw'oba tonnaba kwenenyeza ddala, bw'oba tobatizibwanga mu Linnya lya Yesu Kristo, osobola okukitandikako leero? On'owa Katonda omukisa okukusembeza mu kifo ekyo w'osobola okumusinzizanga? Jjukira, wabweru eyo, teri kifo Katonda kye yasuubiza kukusisinkaniramu era n'akkiriza okusinza kwo.

**115.** Ogamba, "Ow'oluganda Branham, nsinza n'obwessimbu nnyo!" Ne Kayini bwatyo . Yakola buli ngeri yonna ey'ekiweebwayo nga Abiri bwe yakola, naye kyali kiweebwayo kikyamu. Osobola okugenda mu kkanisa, n'owaayo ekitundu eky'ekkumi, era n'okola byonna ng'Omukristaayo yenna bwe yaalikoze, mu mwessimbu nnyo ng'omusajja oba omukazi yenna bwe yandibadde.

Mbadde wano kati okumala emyaka ng'asatu, mukibuga wano, era nga nangirira Obubaka bwe bumu buno. Kati nkaddiwa. Si kyasobola kubeera nnammwe kumala bbanga ddene. Naye mujjukire, ku Lunaku lw'Omusango, eddoboozi lyange likwatibwa kulutambi, era lirikulumiriza.

**116.** Waliwo ekifo kimu kyokka Katonda we yassa Erinnya Lye, era ekyo tekiri mu kkanisa, naye mu Yesu. Waliwo ekifo kimu kyokka eky'okusinzizaamu, ekifo kimu kyokka w'okkiririzibwa, era ekyo nga kiri mu Yesu Kristo, omwagalwa. "Tewaliiyo linnya ddala lyonna wansi w'Eggulu, eryaweebwa abantu, we balina okulokolebwa," tewali kkanisa yonna, tewali kikwate, wadde ekintu kyonna. Wabula Yesu Kristo!

Era ng'obwo bwe Bubaka obw'ekiseera, "Okuzzaayo emitima gy'abaana, eri okukkiriza okwaweebwa abatukuvu omulundi ogumu." T'obukkirize ekiro kya leero? Kati nga tukotese ku mitwe gyaffe.

**117.** Era abo abaagala okujjukirwa mu kusaba, muwanikeeko ku mikono gyammwe. Tetuyinza kubayita ku kituuti, kubanga muli bangi. Katondaabawe omukisa, bannange! nsuubira balinga ebikumi bisatu wano ku mukono gwange ogwa kkono.

Yesu Kristo, kye kifo kya Katonda kye yeeroboza okumusinzizangamu. Ky'ekifo kyokka kye tulina. Lye Linnya lyokka ery'obulokozi Katonda ly'alina. Eryo lye yatuuma ekika eky'omu Ggulu, bw'abeera wano ku nsi, abeera Yesu Kristo.

**113.** Ai kkanisa, oh bannange, ow'omukwano omwonoonyi, teweesiga kintu kirala kyonna wabula Yesu Kristo yekka. Teweesiga mubuulizi yenna. Teweesiga muntu malala yenna kukulokola. Teweesiga kkanisa yonna, kikwate kyonna, oba kibiina kya ddiini kyonna. Weesige Yesu Kristo yekka, kubanga Ye gwe Musana ogw'essaawa eno.

Ka tukoteke ku mitwe gyaffe.

Walibaawo omusana awo mu kiseera eky'akawungeezi,

Mazima ddala oliraba ekkubo erigenda mu kitiibwa;

Mu kkubo ly'amazzi mwe muli Omusana leero,

Nga tuziikibwa mu Linnya ery'omuwendo erya Yesu Kristo. Abato n'abakadde, mwenenye ebibi byammwe byonna,

Mazima Omwoyo Omutukuvu anakubatiza okuyingira;

Kubanga Omusana ogw'akawungeezi guzze;

Mazima Katonda ne Kristo bali Omu.

**112.** Amiina! Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi, ekifo kya Katonda kyokka kye yeeroboza aw'okumusinzizanga. Oh, Obubaka buno bujjira b'ani, kiki ky'agenda okukola? Era mu lunaku luno walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi, era (ekiki?) okwaniriza abaana Be nga bakomawo mu Nsi ensuubize entuufu, n'akabonero ke kamu ak'Empagi ey'Omuliro akaakulembera abaana ba Isiraeri okubayisa mu ddungu.

Yesu Kristo, kye kifo kya Katonda kye yeeroboza okumusinzizangamu. Ky'ekifo kyokka kye tulina. Lye Linnya lyokka ery'obulokozi Katonda ly'alina. Eryo lye yatuuma ekika eky'omu Ggulu, bw'abeera wano ku nsi, abeera Yesu Kristo.

**113.** Ai kkanisa, oh bannange, ow'omukwano omwonoonyi, teweesiga kintu kirala kyonna wabula Yesu Kristo yekka. Teweesiga mubuulizi yenna. Teweesiga muntu malala yenna kukulokola. Teweesiga kkanisa yonna, kikwate kyonna, oba kibiina kya ddiini kyonna. Weesige Yesu Kristo yekka, kubanga Ye gwe Musana ogw'essaawa eno.

Ka tukoteke ku mitwe gyaffe.

Walibaawo omusana awo mu kiseera eky'akawungeezi,



**25** Era Waaliwo n'endagaano bbiri ezaaweebwa abantu. Tujja kuzoogerako ku makya. Emu yaweebwa Adamu ku kakwakkulizo : "bw'onokola *kino* n'otakola *bw'otyo* ..." Naye etteeka eryo lyamenyebwa. Adamu ne Kaawa balimenya mu lusuku Adeni. Oluvannyuma Katonda yakola endagaano ey'okubiri, era n'agiwa Ibulayimu; era etteeka eryo teryalina kakwakkulizo. "Teyeesigamizibwa ku by'okoze oba by'olikola;" Yagamba, "Nnakikola dda." Ekyo kisa; eryo ly'etteeka ery'Obulamu. Katonda yakikolera Ibulayimu n'Ezzadde lye oluvannyuma lwe, ebyo bye by'ezzadde lya Ibulayimu.

Nga Baibuli bw'egamba, "Abaisiraeri bonna balilokolebwa." Naye ekyo tekitegeeza Bayudaaya, nga Pawulo bwe yagamba, "Nti Omuisiraeri ow'omunda oba Omuisiraeri ow'okungulu." Ow'okungulu, nga bwe twayogera ekiro kya jjo, be baana ba Isaaka abazaalibwa olw'omubiri. Naye Etteeka lya Katonda lyali okuyita mu Kristo, nga ye yali Ezzadde lya Ibulayimu ery'Obwakabaka, " olw'ekisa Isiraeri yonna erokolebwa." " Abo bonna abali mu Kristo balilokolebwa," bonna – endagaano ya Katonda ey'okubiri. Naye ebintu bino byonna byali bisiikirize bya Kristo.

**26.** Kati, weetegereze olunnyiriri olw'okubiri. Olunnyiriri olw'okubiri wano mu Ekyamateeka Olw'okubiri 16: "Osinzizanga mu kifo kye nneerobozza, "Kati, kitugwanira okusinzanga Katonda, yagamba, "Mu kifo kye nneeroboza," si ekyo omulala kye yeeroboza, naye, "ekyo kye nneeroboza" Kati, Katonda bw'aba yeeroboza ekifo; kitugwanira okuzuula ki kye yagamba ku kyo era wa wekiri. Njagala kukizuula, kubanga mazima njagala ku musinza. Tuli wano fenna leero okumusinza. Fenna tutudde wano leero ng'Abamesodisiti, aba Baputisiti, Abakatuliki, ba Jehovah Witness, oba Abakristaayo ba Ssaayansi, na bonna, naye nga fenna tulina kye tunoonya.

Twagala kumanya Mazima. Bayibuli yagamba, "Mulitegeera Amazima, n'Amazima galibafuula ab'eddembe." Omuntu … Tosobola kumanya ki ky'okola, toyinza kumanya engeri y'akukolamu okutuusa ng'omanyi engeriey'okukikolamu – Tomanyi ky'okola okutuusa ng'omanyi engeri ey'okukikolamu, kye kituufu. Oteekwa okumanya ki ky'okola n'engeri gye kikolebwamu.

**27.** Kino kitwoleka nti Katonda alina ekifo w'asisinkanira abamusinza, mu kifo ekimu. Mu kifo ekyo, Katonda yokka, gy'asisinkanira abamusinza.

**28.** Kati n'ekirala, ekifo kye yeeroboleza olw'abo abamusinza, yagamba walituuza Erinnya Lye. Kati leka tunoonye era tuzuule mu Byawandiikibwa ekifo kino wa wekiri. Mazima, Katonda bw'aba yagamba okuteeka Erinnya lye mu kifo kino kye yeeroboza okusisinkaniramu abantu era asinze wamu

nabo – manyanga, bo okumusinza, nga wekiri mu Baibuli, kubanga kyali kya mirembe gyonna.

**29.** Era Katonda oyo ow'ekitalo atajjulukuka tasobola kukyusa. Omuntu asobola okukyuka. Era ekiseera kyonna osobola okuteeka obulamu bwo mu kintu kyonna Katonda kye yali ayogedde, kubanga Mazima. Gge Mazima. Kubanga, kye kintu kyokka kye nnyinza okwesiga, ye Baibuli. Kubanga ebigambo by'omuntu biremererwa, naye Katonda yasukkuluma.

Omwaka guno nteekwa okumanya okusinga ku kye mbadde mmanyi omwaka oguwedde. Naawe, bw'otyo, bwe wandibadde, buli lunaku. Ffe tuliko ekkomo, n'olw'ekyo tulina okweyongeranga okutegeera.

Naye Katonda taliiko ntandikwa yadde nkomerero. Takoma. Era bw'atyo, olw'okuba taliiko kkomo, teyeeyongerako kumanya. Okusooka mu byonna, Atuukiridde. Buli ky'asalawo kirina okubeera nga kituukiridde.

**30.** Era engeri Katonda gye yakolamu omulundi ogwasooka, Alina okukola mu ngeri y'emu lubeerera, si ekyo abeera yakola ensobi omulundi ogwasooka. Omuntu bw'aba yali azze eri Katonda olw'obulokozi, omusingi kwe yasinziira okumukkiriza, gwe musingi gwe gumu kw'alina okusinziira ku buli mulundi. Ekyo kituufu. Omuntu bw'aba yali azzeeko eri Katondaolw'okuwonyezebwa, era Katonda n'amukkiriza ku musingi gwe yassaawo; omuntu omulala bw'ajja, naye abeera Alina okumukkiriza mu ngeri y'emu, si ekyo abeera yakola nsobi bwe yakkiriza omuntu eyasooka. Katonda yassaawo omusingi kw'alina okusisinkanira omuntu. Yassaawo omusingi kw'asinziira, n'engeri gyalina okukikolamu, era ng'eyo kw'ekuyita mu musaayi gwa ssaddaaka y'omwana gw'endiga mu lusuku Adeni. Katonda n'omulundi n'ogumu, takijjululanga.

**31.** Yasalawo engeri gy'alina okulokolamu omuntu. Naye leero omuntu tugezezzaako kukimutendekamu butendesi; tugezaako kukibawa mu ngeri ya ssomero, nga tugezaako okubagunjula, tugezaako okubakolamu ekibiina ky'eddiini, nga tugezaako okukola engeri y'ebintu ebirala bino byonna; ne tubayingiza, ne tubayingiza nga tubakwata bukwasi mu ngalo, ne tubayingiza nga tubabatiza bubatiza, na buli ngeri yonna esoboka, n'okubasemba obusembi olw'amabaluwa. Naye era, kisigala kye kimu, Katonda omuntu amusisinkana wansi w'Omusaayi gw'Omwana gw'endiga ogwayiika. Omusaayi ye yali nkola ya Katonda ku lubereberye, n'ekiro kya leero era Omusaayi ye nkola ya Katonda. Kirungi okwebonereza na bino byonna, naye obulokozi buyitira mu Musaayi mwokka. Omusaayi y'engeri yokka Katonda gye yeeroboza okulokola omuntu, era tasobola kukikyusa.

**32.** Yobu yalina ekintu kye kimu. Yamanya nti yali mutuukirivu, kubanga yali awaddeyo e…ssaddaaka Katonda gye yali amwetazeeko.



bwe busirusiru, nti ebibiina by'amadiini butaliimu, naye okuddamu okubasongera ku kabonero ke kamu keyasongako, nti y'Omu, jjo, leero, n'emirembe gyonna. Aleruuya!

**110.** Era nate , mu Kubikkulirwa 4:7, tulina ebiramu bina bye twakamala okuyitayitamu.

Ekisooka, twalaba, nga kyali mpologoma. Ekyo kye kyali ekiramu ekisooka ekyafuluma okugenda okusisinkana okusoomozebwa kw'olunaku olwo, Empologoma y'ekika kya Yuda.

Oluvannyuma ne wajja ekiramu ekirala. Kati tukiraba, nti ekiramu eky'okubiri yali nte ennume, ensolo enneetissi y'emigugu, saddaaka. Mu nnaku z'okufuga kw'ekkanisa y'Oburuumi , ekkanisa yafa; saddaaka.

Eyaddako okujja yali muntu - kyali ekiramu ekyalina obwenyi ng'obw'omuntu. Kati omuntu oyo be baali abaddaabuluzi, obuyigirize bw'omuntu, okusoma eby'eddiini, n'ebiringa ebyo.

Naye ekiramu ekyasembayo ekyalina okubuuka, ekiramu ekisembayo ekyalina okujja, Baibuli yagamba nti yali mpungu ebuuka. Aleruuya! Era nnabbi yagamba, nti mu lunaku luno, "Walibaawo Omusana." Oh, abange! "Mu lunaku olwo walibaawo Omusana."

**111.** Wabaddewo olunaku olw'abaddabuluzi; Wabaddewo olunaku kw'egamba nga lulinga kisiikirize, si musana si kiro. Naye mu kiseera eky'akawungeezi, mu kiseera eky'empungu …

Walibaawo omusana mu kiseera ky'empungu

Mazima tuliraba ekkubo erigenda mu Kitiibwa.

Mu kkubo ly'amazzi mwe muli Omusana leero,

Twaziikibwa mu Linnya ery'omuwendo erya Yesu.

Abato n'abakadde, mwenenye ebibi byammwe byonna,

Mazima Omwoyo Omutukuvu anakubatiza okuyingira;

Kubanga Omusana ogw'akawungeezi guzze;

Mazima Katonda ne Kristo bali Omu.

**112.** Amiina! Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi, ekifo kya Katonda kyokka kye yeeroboza aw'okumusinzizanga. Oh, Obubaka buno bujjira b'ani, kiki ky'agenda okukola? Era mu lunaku luno walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi, era (ekiki?) okwaniriza abaana Be nga bakomawo mu Nsi ensuubize entuufu, n'akabonero ke kamu ak'Empagi ey'Omuliro akaakulembera abaana ba Isiraeri okubayisa mu ddungu.

Kiikyo ekifo kyo eky'okusinzizaamu. Ekifo ky'obwekweko bwo. Oyo ye Mwana gw'Endiga aggyawo ebibi by'ensi. Si kkanisa yonna, si ekiyiiye, oba ekintu kyonna, naye Omwana gw'endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi.

106. Olaba Yokaana we yakiteeka? Teyagamba, "Mmwe Abafalisaayo mwe batuufu, mmwe Abasaddukaayo, oba Abakerode." Yagamba, "Wuuyo Omwana gw'endiga." Ekyo kye kifo. We yateeka Erinnya. Ye wuuyo. Tewali linnya ddala lyonna wansi w'Eggulu!

107. Kati weetegereze Yesu kye yayogera ku Yokaana. Lumu Yokaana yamutumira ababaka, okulaba kye yali akola. Yesu n'amwogerako nti, "Ye gwe gwali omusana ogwo ogw'ekitalo," okubalaga ekkubo etuufu lye baalina okutambuliramu nga okujja Kwe tekunnaba kutuuka okujja Kwe okwasooka." Wuliriza nnyo. Tokisubwa. Yesu yagamba. Yesu yagamba, "Yokaana gwe gwali omusana ogwo." Malaki 3, si nsobi. Nnabbi nga alina omusana mungi ogwaka, yamanya Yesu nga y'Omu yekka, Omwana gw'endiga. Abaana b'endiga bonna abalala bakabona be baali bogeerako, n'ebintu ebirala byonna, byali butalimu. Ono ye yali "Omwana gw'endiga!". Omusajja ng'alina okwaka kw'omusana omungi, ogwo Yesu gwe yagamba gwe yali.

Malaki 3 yagamba, "Laba, ntuma omubaka Wange, alirongoosa ekkubo mu maaso Gange." Era eyatumibwa okulongoosa ekkubo yamumanya Oyo Ekifo. "Ye Wuuyo; tewali nsobi; ye Wuuyo. Ndaba akabonero nga kamugoberera. Mmanyi nga ye Wuuyo, Ekitangaala ekiva mu Ggulu nga kikka ku Ye." Yali mukkakafu ddala nga ye Ye.

108. Kati, ow'oluganda, waliwo kye njagala okukubuuza nga mmaliriza. Tuyinza okugamba bwe tuti. Mu Malaki 4, naffe tetwasuubizibwa empungu endala, nga n'Empagi ey'Omuliro egoberera, okuwabula ekkanisa eyakyama leero nti Ye ye Abaebbulaniya 13:8, "Y'omu jjo, leero, n'okutuusa emiremben'emirembe"? Tetwasuubizibwayo endala okuva mu ddungu egenda okujja ng'ebuuka? Amiina! Ddala ago ge Mazima . Nga kikwataganiraddala era nekigendera wamu ne Lukka 17:30, awo Omwana w'omuntu (Empungu) bwe yeebikkula Mwene okuweebuula ebifo ebirala byonna eby'okusinzizaamu, ng'ebibiina by'amaddiini n'ebirala!

Katonda yeeroboza ekifo kye. Yokaana n'agamba nti, "Kiikyo awo!"

109. Bwe kityo ne mu lunaku luno tusuubizibwa ekintu kye kimu, mu Malaki 4, "Okukyusa emitima gy'abaana okugizzaayo," okusobola okugamba nti si mufu, ebintu bino si bya mulembe mulala; okubatiza mu Linnya lyaYesu si kwa bali abedda bokka, naye na kati akyali y'Omu. Amiina. Okuweebuula ebifo ebirala byonna eby'okusinzizaamu, ogwo gwe mulimu empungu ey'olunaku olusembayo gw'erina okukola, okulaga nti ebifo ebirala byonna



**33.** Kati, tunoonye tuzuule ekifo wa wekiri, era ekifo mweyatuuza Erinnya Lye. Tujja kuzuula wa weyatuuza Erinnya Lye. Bwe tuzuula Erinnya lya Katonda n'ekifo weyaliteeka tujja kuba tufunye ekifo eky'okusinzizangamu amangu ddala bwe tunakiraba. Ebintu bino byonna mazima, byali bisiikirize by'ebintu ebyali bigenda okujja. Gonna amateeka gaali kisiikirize eky'ebintu ebyali bigenda okujja.

**34.** Ng'omwezi bwe guli ekisiikirize ky'enjuba. Guweereza mu kubulawo kw'enjuba, era nga n'ekkanisa bw'erina okuwereeza mu kubulawo kw'Omwana wa Katonda. Mu kubulawo kw'Omwana wa Katonda, ekitangaala ekitonotono, Ekkanisa, abakkiriza, bawereeza Katonda ne booleka ekitangaala mu kubulawo kw'Omwana wa Katonda. Naye enjuba bwe'vaayo, tolaba mwezi nate, kubanga gugenze. Teyeetaaga kitangaakyagwo nate, kubanga gusika ekitangaala kyagwo okuva ku njuba.

**35.** Kaakati, ng'omusajja n'omukazi, enjuba n'omwezi bwe biri,Ekkanisa ne Kristo. Kati, tukiraba, nga ebintu bino byonna byali kisiikirize kya Kristo … Buli Ssaddaaka, embaga, na buli kintu mu Ndagaano Enkadde byali kisiikirize ekyoleka Kristo. Ng'ekisiikirize bwe kijja ku ttaka … Kati, wano wetugenda okuzuulira ekifo ekituufu eky'okusinzizangamu, kwe kugenda wano mu Ndagaano Enkadde wekyaawebwa era tulabe ebintu bino bwe byali.

**36.** Kati, ekisiikirize bwe kikuba ku ttaka, oyinza okutegeera oba nga musajja, mukazi oba kisolo, oba kyonna kye kiri, kubanga kiteeka ekisiikirize kyakyo wansi. Era ng'ekisiikirize ekyo bwe kifundawala – kuba tewayinza kubaawo kyoleka kintu awatali kintu ekyo kyennyini kye kyoleka. N'olw'ekyo, ekyo kyennyini kye kyoleka bwe kisemberera ekikyoleka, ekikyoleka kimiribwa mu ekyo kye kyoleka. Ekisiikirize ne—era ekyolekebwa bwe kisembera, olwo ekyo ky'ekikifuula ekyolekeddwa.

Era singa "ebintu byonna eby'edda," Bayibuli egamba, "mu Ndagaano Enkadde mwe mwali ebisiikirize by'ebyo ebyali eby'okujjja, n'olw'ekyo, Kristo ye yali ekisiikirize eky'ebintu ebyali bigenda okujja .

37. Bwe kityo tusobola okulaba nga tweyambisa ebisiikirize eby'Endagaano Enkadde ekifo We yeeroboza okutuuza Erinnya Lye era – kati wa. Kati ng'ekisiikirize bwe kiri e – bwe kijja ku ttaka, nagambye, kiba kintu ekirina kye kyoleka kye, bwe kiri ekyoleka, kale ffe, abasinza naffe tusobola okulaba ebisiikirize eby'Endagaano Enkadde nga biggweekerera mu ekyo ekyolekebwa eky'Endagaano Empya.

**38.** Olwo, embaga zonna, ebiwummulo byonna, ensiisira zonna, buli muti gwonna, buli kintu kyonna ekyali mu lusiisira, buli kintu kyonna kyali

kyayoleka Kristo. Ebiweebwayo byonna, amateeka gonna, byonna byali mu kwoleka Kristo. Tubiyiseemu, bulijjo wano, mu kkanisa.

Kale tulaba, nti buli nzikiriza, ekkanisa, n'ekibiina ky'eddiini biba birekeddwa labweru. Tebiri namulwookaano, n'akatono. Buli nzikiriza, buli kkanisa, buli kibiina kya ddiini, biba birekereddwa ddala bweru!. Tewali kifo kyabyo n'akatono.

**39.** Tewali kyalagibwa mu Ndagaano Nkadde, oba awantu wonna mu Baibuli, mu kkanisa, okuggyako okwegatta okw'obuwaze okw'omunaala gw'e Babeeri. Ekyo ky'ekintu kyokka ekyoleka okwegatta. Kubanga, yali Nimuloodi, omubi eyagenda ng'awaliriza amawanga gonna amatono okuyingira mu kifo kino ekimu eky'omunaala guno ogw'ekitalo. Kwali okusinza okw'ekinaddiini, kituufu, naye nga tekuli mu Kigambo kya Katonda. Bwe kityo awo engeri y'ekibiina ky'eddiini weeragirwa, ku munaala gw'e Babeeri, mu Ndagaano Enkadde. Enzikiriza eno ddala yali nzikiriza, naye si enzikiriza ey'Ekigambo kya Katonda.

**40.** Katonda teyeeroboza kibiina ky'addini kyonna okutuuza omwo Erinnya Lye. Njagala Ekyawandiikibwa kw'ekyo, bwekibeera bwe kityo. Mmanyi bagamba yakikola, naye takikolanga. Tayinza kutuuza Linnya Lye mu bifo bingi, kubanga yagamba Erinnya Lye aliteeka mu kifo kimu, era ekifo ekyo ekimu …Buli kibiina ky'amaddiini gaffe kyagala okugamba nti bo ky'ekifo ekyo, naye kikyamu. Naye wa weyatuuza Erinnya Lye?.

**41.** Kaakati, olwo, okusooka, Erinnya Lye y'Ani? Tulina okusooka okulaba (Erinnya) okusobola okuzuula Erinnya Lya Katonda nga tetunnazuula kifo we yalituuza.

Kati, tukizuula nti yalina ebitiibwa bingi. Ayitibwa . . . Yali ayitibwa "Kitaffe," ekyo kitiibwa. Era ng'ayitibwa "Omwana," nakyo ekitiibwa. Ng'ayitibwa "Omwoyo Omutukuvu," nakyo ekitiibwa. Yayitibwanga "Kimyula kya Saloni," ekitiibwa. "Eddanga ly'Ekiwonvu," kitiibwa, "Emmunyeenye ey'enkya." "Yakuwayire, Yakuwa-rafa," amannya ag'obununuzi, ag'enjawulo musanvu, naye byonna ebyo byali bitiibwa. Ku byonna ebyo tekuli linnya.

Naye alina Erinnya.

**42.** Bwe yasisinkana Musa yali tannabeera na Linnya era N'agamba Musa, "NINGA BWE NDI." Era bwe tulaba Yesu ku nsi, nga ayogera mu Abaebbulaniya essuula ey'omukaga, munsonyiwe, Omutukuvu Yokaana essuula ey'omukaga, yagamba, NINGA BWE NDI".

Ne bagamba, "Lwaki, oli muntu atannaba kuweza na myaka makumi ataano, ogamba otya nti, Ibulayimu wamulaba?



Kiki, oyo, kye yali? Ye yali empungu eyo eva mu ddungu. Yali tatendekeddwa muntu wa kukangibwa na kutiisibwa, okuva mu kibiina ky'eddiini. Naye yali atendekeddwa wansi w'amaanyi ga Katonda omuyinza w'ebintu byonna, okusobola okumanya ekirina okubaawo. Yamanya akabonero ka Masiya.

Aleruuya! Kino ekigambo kitegeeza nti, "Yeebazibwe Katonda waffe!" Temukitya. Sinnabaako muntu yenna gwe nnumya. Sinnakyamuka, mmanyi wa wendi.

Oh, bwe mmulowoozaako, empungu eyo ey'ekitalo ng'ebuuka okugenda eyo ne yeesimba! … Yagamba, "Bw'alijja nngenda kumumanya."

103. Lumu yali ayimiridde awo, ng'abuulira. Bakabona baali ku ludda luli olulala, ne bagamba, "Ky'otegeeza nti walibaawo ekiseera ssaddaaka eyabuli lunaku lwe liggyibwawo; yeekaalu eno ey'ekitalo gye twazimba, na buli mulimu gwe twagikolako, ffe ekibiina ekinene ekye ddiini?"

N'agamba, "Ekiseera kirituuka ebyo byonna lwe biriggibwaawo."

"Tekiyinzika. Oli nnabbi wa bulimba!"

104. Ne yeetoolooza amaaso; N'agamba, "Laba, Wuuyo! Ekifo kya Katonda kye yeeroboza aw'okumusinzizanga. Omwana gw'endiga, Omwana gw'endiga ogwanamaddala aggyawo ebibi by'ensi." Teyagamba nti, "Wuuyo Omumesodisiti, wuuyo Omubaputisiti, oba Omukatoliki." Yagamba, "Wuuyo Omwana gw'endiga wa Katonda aggyawo ebibi by'ensi."

Obukuumi bwokka obuliwo buli mu Oyo Omwana gw'endiga gwa Katonda. Mu Ye yekka mwe muli obulokozi; si mu kkanisa, si mu kikwate kyonna, mu muntu yenna, mu taata yenna, mu maama yenna, mu mutukuvu yenna, oba ekintu kyonna, ekifo ekitukuvu. Buli mu Katonda omutukuvu, Mukama Yesu Kristo, awo Katonda we yatuuza Erinnya Lye mu muntu, olw'obununuzi, eyawaayo omutango ku lwaffe aboonoonyi. Ekyo ky'ekifo kyokka awali obulokozi. Olwo lwe Lwazi kwe nnyimiridde.

105. Yokaana yamutegeera. N'agamba, "Nange saamumanya bwe nnamulaba ng'ajja, naye awo we nnasomera. . ." si mu sseminaaliyo nga Kitaawe bwe yali; teyatendekebwa, nga kabona. Naye mu ddungu eyo gye yali mu sseminaaliyo ya Katonda omuyinza w'ebintu byonna, ng'alindirira Ekigambo kya Katonda; si ebyo ekibiina ky'abantu abamu bye kyayalula, wabula ekyo Katonda kye yagamba.Naye Ekigambo kya Katonda kye kya kyogerako. Kati Yokaana bwe yatunula waggulu n'alaba Omwoyo ng'ajja, yagamba, "Ntegeeza nti ono ye Wuuyo." Oh, abange!

mu Kitabo ky'Obulamu," kubanga abeera nnabbi wa bulimba era awubisiza abantu era omusaayi gwabwe gulibalibwa ku ngalo ze, olw'ekikolwa ekyo."

**99.** Kitugwanira okukuuma ekifo ekyo kyokka ekimu, era ng'ekyo, ye Yesu Kristo Ekigambo, Y'Omu jjo, leero,n'okutuusa emirembe n'emirembe . Amiina. Kale. Jjukira, teri kifo kirala kisisinkanirwamu eky'okusinzizaamu, teri kifo kyonna. Kino Katonda ye yakyeroboza.

100. Yokaana, eyo edda ennyo eyali wakati w'Endagaano Empya n'Enkadde. Kati wuliriza nnyo. Yokaana, empungu eyo ey'ekitalo, yajja ng'ebuuka okuva mu ddungu, ng'egaziyizza n'ebiwawatiro bayo. Yasaawo olutindo wakati w'Endagaano Enkadde n'Empya, n'abayita okuva ku ddyo ne ku kkono. Yali alangirira lunaku olw'okwenenya.

Awo ne wajja Abafalisaayo n'Abasaddukaayo; n'agamba, "Temusooka kwogera mu mitima gyammwe, 'Tulina Ibulayimu nga ye jjajjaffe,' kuba mbagamba nti Katonda ayinza mu mayinja gano okugafuuliramu ibulayimu abaana." Oh, abange!

nti balina obuyinza okukyusa Ebigambo ebyo, bwe baba baagala, ku lwa paapa. We njawukanira nabo.

Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'okutuusa emirembe n'emirembe gyonna. "Era omuntu yenna bwaggyangako Ekigambo kimu mu Bayibuli eno," Yesu yagamba, "Oba bw'ayongerangako ekigambo kimu mu yo, omugabo gwe guliggibwa mu Kitabo ky'Obulamu." Ekigambo kimu; si ennyiriri, oba essuula, naye Ekigambo kimu! "Oyo yenna aliggyako Ekigambo kimu . . ."

Bwe yatandika okubuulira Enjiri ye, ng'agamba nti, "Waliwo Omuntu ayimiridde mu mmwe, gwe mutamanyi. Nange sinnamumanya, naye nja kumumanya bw'anajja. Sisaanira na kusimulula lukoba lwa ngatto ye. Naye alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'omuliro. Era olugali Lwe luli mu mukono Gwe; alirongooseza ddala egguuliro Lye era ebisusunku alibyokya n'omuliro ogutazikira ."

**101.** Empungu ey'ekitalo ey'Enjiri bwe yali awo ng'eyogerera waggulu entiisa ye ennene. Awo omubi n'ajja, muyite Kerode, eyali kabaka omukulu mu biro ebyo, nga bwe yali yeerangirira, yali yawasa mukazi wa muganda we. Kati oyinza okusuubira empungu y'Enjiri eyo ey'ekitalo okutuula awo n'esirika obusirisi kw'ekyo?

Abamu ku bo baagamba, "Yokaana, tobuulira ku Kufumbiriganwa n'okwawukana, kuba Kerode wuuyo awo."

**102.** Yagendera ddala n'ayimirira mu maaso ge n'agamba, "Kya muzizo ggwe okubeera naye!" Ekyo kituufu. Ddala!



**43.** N'agamba, "Ibulayimu nga tannabaawo, NGA WENDI." Era NDI Ye yali mu kisaka ekyayaka n'omuliro, Empagi y'Omuliro eyali mu kisaka ekyayaka n'omuliro mu nnaku za Musa, Oyo, "NINGA BWE NDI."

**44.** Era kati tulaba, nga Yesu naye agamba, "Najja mu Linnya Lya Kitange, ne mutansembeza." Kati olwo, Erinnya Lya Kitaffe liteekwa kuba Yesu. Ky'ekyo. Erinnya Lya Kitaffe Ye Yesu, kuba Yesu yakyogera. "Mpitibwa Linnya Lya Kitange, nnajja mu Linnya Lya Kitange, ne mutansembeza. N'olw'ekyo, Erinnya Lye, yali Yesu.

Gabulyeri yamuyita Yesu, bannabbi baamuyita Yesu, era ddala yali Yesu. Nga tannazaalibwa, ne nnabbi omutukuvu yayogera Erinnya Lye *Emmanweri*, ekitegeeza, "Katonda Ali naffe." Kati, Katonda yalabisibwa mu mubiri, okuggyawo ebibi by'ensi," era, mukukikola, yaweebwa Erinnya Yesu. Bwe kityo Yesu lye Linnya.

Era Erinnya lyatuuzibwa mu Muntu, si mu kkanisa, si mu kibiina kya ddiini, si mu kiyiiye, naye mu Muntu! Yeeroboza okuteeka Erinnya Lye mu Yesu Kristo. Kati tukizuula nti, olwo ye yafuuka ekifo eky'okusinzizangamu Katonda, we tumusinziza.

**45.** Edda nga tannaba na kuzaalibwa, yali Ayitibwa Yesu, kyali kya muwendo nnyo, era Malayika Gabulyeri yakiwa nnyina, nti Erinnya Lye aliyitibwa "Yesu, Omwana wa Katonda," ekyo kye yali.

**46.** Kati, kikyo tukirina. Kye kino, kyokka. Kikye, yekka. Ekifo kya Katonda kye yeeroboza omusinzizangamu. Ekifo kya Katonda, kye yeeroboza. Katonda kye yeeroboza okusisinkaniramu omuntu; teyali kkanisa, si kibiina kya ddiini, si mu biyiiye, naye mu Kristo. Ekyo kye kyali ekifo kyokka Katondawe yasisinkaniranga omuntu, omuntu n'asinza Katonda, mu Kristo. Ekyo ky'ekifo kyokka. Si nsonga oli Mumethodist, Mubaptist, Mukatoliki, Mupolotesitanti, kyonna ky'oyinza okuba, waliwo ekifo kimu kyokka w'oyinza okusinziza obutuufu Katonda, ekyo nga kiri mu Kristo.

Abaruumi 8:1, egamba, "Kale kaakano tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu, abatatambula kugoberera mubiri, naye Omwoyo." Eyo y'Enjiri.

**47.** Tuyinza okuba n'enjawukana mu biyiiye. Tuyinza okuba n'enjawukana mu ndowooza z'abantu ku Katonda. Oyinza okugenda mu kkanisa ya Mesodisiti, olina kuba Omumesodisiti, Mubaputisiti, Omubaputisiti, ey'Abakatoliki,Mukatoliki. Naye n'omala obatizibwa okuyingira mu Kristo, era n'ofuuka ekitundu ku mubiri Ggwe, enjawukana nga zikoma. Ebisenge ebyawula bisuulibwa wansi era obeera wa ddembe kubanga oli mu Kristo Yesu; era osinza Katonda mu Mwoyo ne mu Mazima bw'obeera mu Kristo Yesu. Y'enteekateeka ya Katonda gy'oli okumusinzizanga mu Kristo Yesu.

**48.** Kati, tewali kkanisa ya kibiina kya ddiini kyonna eyinza okweyita ekifo kino, tewali n'omu kino asobola kukyeteekako. Oyinza otya okukyessaako? Okukola ekintu ng'ekyo guba mwoyo wa mulabe wa Kristo, nga gwe gukuwaggula okuva ku Kristo; okumukuggyako. Tosobola ekyo kukikola. Kristo ky'ekifo kyokka Katonda w'asisinkanira abasinza.

49. Bagamba, leero, nnawulira abantu nga banngamba. Omusajja yampita gye buvuddeko katono, mu Beaumont, Texas. Yagamba, "Mw. Branham erinnya lyo bwe litabeera mu kitabo kya kkanisa yaffe, tosobola kugenda mu Ggulu." Ekyo wali okirowoozezzaako? Tokkirizanga kintu ng'ekyo!. Bo balowooza nti olina okubeera ow'ekkanisa eyo si ekyo tosobola kugenda mu Ggulu. Ekyo kikyamu. Okukkiriza ekyo obeera mulabe wa Kristo. Ka nngambe kino;bw'okkiriza omwoyo bwe gutyo, obeera wabula. Kaba kabonero kalungi akalaga nti obuze, kubanga kubeera kuggyako kw'ekyo Katonda kye yakola. Katonda tatuuzanga Linnya Lye mu kkanisa yonna. Yalituuza mu Mwana We, Yesu Kristo, ye n'Omwana we bwe baafuuka omu. Ekyo kye kifo ekituufu kyennyini eky'okusinzizangamu. Tewali misingi mirala gyonna gyassibwawo, tewali lwazi lulala.Ku Kristo, olwazi olugumu, kwe nnyimiridde; Ebifo ebirala byonna, musenyu ogukka.

Ebibiina by'amadiini bijja kusasika bigwe, amawanga galiggwaawo, naye Ye wa kusigalawo lubeerera. Teri kifo kirala muntu ky'asobola kulaba, aw'okusinzizanga Katonda, okusobola okwogera Naye, teri kifo kirala wabula mu Kristo Yesu. Ekyo kye kifo kyokka, Katonda kye yeeroboza okutuuzaamu Erinnya Lye, era nga kye kifo kyokka w'asisinkanira omuntu, okusinzibwa. Oba obuze, bw'okkiriza ekirala kyonna.

**50.** Weetegereze, embaga zonna omusanvu ez'Ekiyudaaya zaakuumirwanga mu kifo kimu. tebaakuumanga mbaga emu nga y'Abamesodisiti wano, emu wano nga yaba Baputisiti, emu wano nga y'Abapulesibeteriyani, emu erudda wano nga y'Abakatoliki, n'endala emu nga y'Abapolotesitanti. Embaga zonna omusanvu zaakuumirwanga mu kifo kye kimu.

51. Kikyoleka bulungi wano. Twakayita mu mirembe omusanvu egy'ekkanisa, gigenda kulaga nti Katonda akuumira emirembe omusanvu egy'ekkanisa gyonna mu Kigambo, buli mulembe gwa kkanisa gwalabisanga ekitundu ku Kigambo, Era buli lwe bakirabisanga, ne balaba Omusana…

Ng'abantu abasooka okulaba okubatizibwa mu Linnya lya Yesu. Kiki kye baakola? Baakikolamu ekibiina ky'eddiini, era ne kifiira awo wennyini. Olwo Katonda ne yeeyongerayo ku muntu omulala. Tagenda kusigala mu kimu ku ebyo ebikwate n'ebiyiiye. Talina ky'abyetaaza. Tewali kya Katonda



95. Kati, jjukira, y'Omu jjo, leero,n'okutuusa emirembe n'emirembe; kubanga Katonda akusisinkanira mu Ye, ekifo kyokka ekiriwo; kubanga awo we yeeroboza okutuuza Erinnya Lye, mu Yesu. "Yesu" lye Linnya lya Katonda. Jjukira, Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu. Bitiibwa bya Linnya "Yesu Kristo."

**96.** Matayo bwe yagamba, "Kale mugende, muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu Linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu."…

Nga leero kivvuunuddwa mu bukyamu, bwe bagamba, "Mu linnya lya Kitaffe, linnya lw'Omwana, linnya ly'Omwoyo Omutukuvu." N'okuwandiikibwa tekiwandiikibwanganako. Kiri, "Mu Linnya, limu, "erya Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu." *Kitaff*e si linnya, *Omwana* si linnya, *Omwoyo Omutukuvu* si linnya; bitiibwa.

Nga wayise ennaku kkumi, Peetero yayimirira era n'agamba, "Mwenenye, buli muntu mu mmwe, mubatizibwe mu Linnya Yesu Kristo." Kati olwo yakola kye Yamulagira okukola? Yakola ekyo kye Yamulagira okukola. Erinnya lya Kitaffe, ery'Omwana, n'ery'Omwoyo Omutukuvu, ye "Mukama Mukama Yesu Kristo." Buli muntu yenna mu Ndagaano Empya yabatizibwa mu Linnya lya Mukama Yesu Kristo.

**97.** Tewali muntu n'omu mu Baibuli eyabatizibwa mu bitiibwa ekya Kitaffe, n'Omwana, N'Omwoyo Omutukuvu. Ekyo tekyaliwo okutuusa ebikwate by'e Nikyeya lwe byateekebwa e Nikyeya, e Ruumi. Kyali kiragiro kya Ekereziya Enkatoliki ye yakitandikawo, kisangibwa ekintu kye kimu mu katekiisimu. Tukifunye, ekyo kituufu!, *Amazima g'Okukkiriza Kwaffe* (Facts Of Our Faith), n'ebiri bwe bityo, nti mazima ddala biyiiye bya Ruumi Enkatoliki. Bajja kukugamba nti tekiriimu mu Baibuli; naye bagamba **98.** Ku lubereberye, Katonda abantu Be yabateekako ekigo eky'Ekigambo kye. Ekigambo kimu, ekyavvuunulwa obubi, ky'aleeta okufa kwonna, okulumwa kwonna, ennaku yonna. Kaawa, teyamenya lunnyiriri; yamenya Kigambo kimu. Kati Yesu bwe yajja mu makkati g'Ekitabo . . . okwo kwe kwali okusooka kw'Ekitabo.

Yesu bwe yajja mu makkati g'Ekitabo, kiki kye yagamba? "Kyawandiikibwa nti omuntu tabanga mulamu na mmere yokka, naye na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda."

Ku nkomerero ey'Ekitabo, Okubikkulirwa essuula eya 22, olunnyiriri olw'e 18, ekintundu kya Baibuli ekisemberayo ddala, Yesu Yennyini yayogerera, ng'agamba nti, "Ntegeeza buli muntu yenna aliggyako Ekigambo kimu mu Kitabo kino, oba aligattako ekigambo kimu ku Kyo, omugabo gwe guliggibwa

Obwongo bwange bwe bubaako ekikyamu, nsobola okwegaana omukono gwange guno, nsobola okwegaana ekigere kyange, waliwo ekikyamu ku mwoyo ku mukkiriza eyeegaana Ekigambo kyonna Katonda kye yayogera mu byasuubizibwa. Waliwo ekikyamu eky'omwoyo ku muntu oyo eyeeyita omukkiriza.

89. Tosobola kwegaana wadde n'ennukuta Ye emu, kubanga obeera ofuuse kitundu kw'ekyo. Oli kitundu ku Ye, kubanga wabatizibwa okuyingira mu Ye; n'Omwoyo Omutukuvu eyakuyingiza mu Mubiri gwa Yesu Kristo. Nga kintu kirungi!

90. Katonda yalina ekifo awantu we yasisinkana—we yasisinkanangaIbulayimu, awo Ibulayimu n'amusinza. Wonna okuyita mu Ndagaano!

Era Ekigambo Kye ekyasuubizibwa kya kuvvuunulirwa mu ggwe, ye kennyini. Mukitegeedde? Ekigambo kye Yasuubiza okutuukiriza mu lunaku lw'olimu, nti oliba bbaluwa empandiike eya Katonda essomebwa abantu bonna. Si ekyo kye weepaatiikako, naye ekyo Katonda ky'Akola okuyita mu ggwe, kye kijja okuleekaanira waggulu okusinga ekintu kyonna ky'oyinza okwesaako . Katonda yagamba, "Obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza." Ekyo kye kyogerera mu ggwe.

91. Yayogera ku mulembe guno, ebyo ebiribeerawo kati. Abakkiriza ab'omulembe guno balina okukkiriza kino, ebyo bye yasuubiza mu lunaku luno. Mu ngeri y'emu nga bwe baalina okuyingira mu lyato okulokolebwa, okufuluma mu Misiri okulokolebwa, balina okuyingira mu Kristo okulokolebwa kaakano, okuyingira mu Kigambo ky'Obubaka nga Y'omu jjo, leero n'okutuusa emirembe n'emirembe.

92. Oyingiramu otya? Na kubatizibwa! Okubatizibwa kwa ki, mazzi? N'Omwoyo Omutukuvu! "N'Omwoyo omu, twabatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu."

93. Era Ekigambo Kye ekyasuubizibwa, Tagenda… tolina kukivvuunula, Y'agenda okukivvuunula ng'ayita mu ggwe; ebyo by'olina okukola, bye yasuubiza okukola. Ekkanisa emugoberera egenda kumufaananira ddala okutuusa abantu lwe balikimanya.

Tunuulira Peetero ne Yokaana bwe babuuzibwa ebikwata ku kuwonya omusajja ku mulyango ogwayitibwanga Omulungi. Baagamba baabategeera, bakabona abo nga be babategeera, nti bombi baali abantu abatamanyi kusoma era abataayigirizibwa, naye baabetegereza nga baali wamu ne Yesu. Kubanga, (lwaki?) baali bakola ebintu bye Yakolanga.

94. Alina kubeera ku mirimu gya Kitaawe. Ne leero kirina kuba kye kimu.



kyali kikyamiziddwa. Ekigambo kya Katonda kitukuvu, tekyonooneddwa. Kristo y'ensibuko ya Katonda ey'okusinza. Ye Katonda.

**52.** Embaga zonna omusanvu zalina okukwatirwa mu kifo kino kimu. Wali tosobola kukwatira mbaga mu kifo kirala kyonna. Naye ezo omusanvu, kifo. . . embaga omusanvu ez'omwaka zaalina kukwatirwa mu kifo kimu. N'olw'ekyo, emirembe omusanvu egy'ekkanisa gyalina okusibuka mu kifo kimu, ng'ekyo ye yali Kristo ng'ayogera emirembe gy'ekkanisa gyonna omusanvu. Ekyo ddala bwe kiri. Kyoleka, emirembe omusanvu egy'ekkanisa, Naye ate bo baakolamu bibiina by'amaddini okuva mu gyo.

**53.** Kati, katulabe ekyoleka ekirala nga tukyali wano; kali akabonero ak'embaga ey'Okuyitako – kyali kyoleka Yesu. Tweetegereza wanossaddaaka y'omusaayi olw'okufa. Ssaaddaka y'omusaayi, ky'ekifo ekyali kyoleka Kristo. Ekibiina ky'eddiini kiyinza okuyiwa omusaayi? Oyinza okusuubira ekkanisa okuyiwa omusaayi, ekibiina ky'eddiini okuyiwa omusaayi? Mazima ddala nedda. Kyatwalira omusaayi okutiirika okuva mu bulamu era n'obulamu …Wano Yesu alagibwa mu bulambulukufu mu mwana gw'endiga. Omwana gw'endiga kali kabonero ka Kristo era ekyoleka Kristo, kubanga ye yali Omwana gw'endiga gwa Katonda Yokaana gwe yayanjula okuggyawo ebibi by'ensi.

Awo we tulabira Yesu, ng'alabikira wano mu Kuva essuula ey'e 12.

54. Weetegereze, kye kyali ekifo kyokka olumbe we lutakuba. Okufa bwe kwali kunaatera okukuba ensi, wabangawo ekifo; bonna abataali wansi w'ekyo baafanga! Ekifo kimu kyokka! Kati, tekitegeeza nti yali nnyumba emu, naye waaliwo ekifo kimu, awo omwana gw'endiga we gwattirwanga. Awo omusaayi gw'omwana gw'endiga we gwali, malayika w'okufa teyakubawo, kubanga kye kifo kyokka Katonda we yali ateesse Erinnya Lye. N'omwana gw'endiga gwali gwalondebwa dda ku lubereberye, omwana gw'endiga. Weetegereze, kye kyali ekifo kyokka waatayinza kukuba.

**55.** Kati ky'ekimu ne leero. Waliwo ekifo kimu kyokka okufa okw'omwoyo we kutasobola kukuba, ng'ekyo ky'Ekigambo. Okufa tekusobola kukuba Kigambo, kubanga ky'Ekigambo kya Katonda omulamu. Naye bw'okigatta awamu n'ebikwate, Ekigambo kifuluma. Kyeyawulamu ng'amazzi bwe geeyawula mu mafuta. Tosobola kubitabula wamu. N'olw'ekyo, olaba, ekikwate bwe kijja mu kibiina ky'eddiini, bonna bagoberera bikwate; olwo Ekigambo ne kifa, olwo ne kibaako gwe kigenda naye n'akyongerayo. Kiddamu ne kifuna omuzinzi, nga bwe kigenda okuva ku butabalibwako musango, okutukuzibwa, okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, n'okweyongererayo ddala okutuuka ku Mpeke! Olaba ekkubo Katonda

ly'ayiseemu? Ku buli mulundi, ng'aleeta Erinnya Lye, mu ngeri ddala y'emu kubanga Ye kye Kigambo.

Weetegereze, tekisobola kufa. Ekigambo ky'Obulamu tekisobola kufa.

**56.** Kati, weetegereze engeri gye kituukiriramu. Malayika w'okufaNaye Katonda teyayogera ku kikwataganako na mukazi, Yagamba, "Musajja." "Musajja," ky'ekifo aw'okusisinkaniranga, Omwana gw'Endiga, si kkanisa. Si linnya ery'ekikazi, naye Erinnya lye ery'ekisajja. Tateekanga linnya lya kikazi wantu wonna. Erinnya lye yaliteeka mu ye "Omusajja"!

Y'ensonga lwaki, "Buli kye tukola, oba mu kigambo oba mu kikolwa, byonna tuteekwa kubikola mu Linnya lya Yesu Kristo." Bwe tusaba, tulina kusabira mu Linnya lya Yesu. Bwe twegayirira, tulina kusaba mu Linnya lya Yesu. Bwe tutambula, tutambula mu Linnya lya Yesu. Bwe twogera, twogera mu Linnya lya Yesu. Bwe tubatiza, tuteekeddwa kubatiza mu Linnya lya Yesu Kristo. Kuba, "Buli kyonna kye mukola mu kigambo oba mu kikolwa, mukikolenga mu Linnya lya Yesu Kristo."

**62.** Lumu omuntu omu yanngamba, bwe twali tukyogerako yagamba, "Ow'oluganda Branham, mukyala wange, siman. . ." Yagamba, "Ye, erinnya lye ye gundi." Yali muweereza, ayinza okuba ng'atudde wano kati. Yagamba, "Mukyala wange," yagamba, "Ayitibwa linnya lyange." Ka nngambe nti *Jones*, kubanga teyali Jones. Yagamba, "Kati, tekimwetaagisa kugolokoka buli ku makya, n'akwata olweyo n'agamba, nti njera mu linnya lya Jones, njoza essowaani mu linnya lya Jones, n'engoye nzitegeka mu linnya lya Jones.'" Yagamba, "Sirowooza nti kikwetaagisa okubaako erinnya lyonna ly'ayita."

Ne mmuddamu, "Ndowooza okikola." Bwe kiri. Kati n'anziramu, "Kale, lwaki? Tekimwetaagisa kukyogera. Eky'okusooka, buli kyonna ky'akola kiri mu linnya lya Jones."

**63.** Ne nngamba, "Naye tewagenda wansi ku luguudo n'omuwasa era n'ogamba, 'Jjangu eno Jones.' Yalina okusooka okufuuka mukaziwo olw'embaga, embaga ey'okufumbiriganwa. Bw'aba teyakikola, muli mu bwenzi. Era bw'oba nga wabatizibwa mu ngeri endala eteri ya Linnya lya Yesu Kristo, kuba kubatiza kwa bwenzi, okutali mu Baibuli."

Kale kati, "Buli kye mukola mu kigambo oba mu kikolwa, mukikole mu Linnya lya Yesu," bwe mutyo, mu buli kye mukola. Naye okusooka mulina kujja muLinnya Lye.

**64.** Olwa leero wano mu kizimbe waliwo abakyala abalungi bangi, abalungi, abakazi abakkakkamu; naye waliwo Muky. William Branham omu. Y'agenda nange eka . Ye yekka mukyala wange.



83. Naye Peetero, n'ayimirira, n'agamba, "Abasajja ab'oluganda, abantu bano tebatamidde mwenge musu, kubanga eno y'essaawa ey'okusatu ey'emisana. Naye kino ky'ekyo ekyayogerwa nnabbi Yoweeri, 'Nti olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, ndifuka Omwoyo wange ku balina omubiri bonna; batabani bammwe ne bawala bammwe baliragula; ku bazaana bange ne ku baddu bange ndifuka Omwoyo wange. Ndiraga eby'ekitalo mu Ggulu waggulu, ne ku nsi; omuliro, empagi z'omuliro, n'okunyooka kw'omukka. Awo olulituuka, olunaku olukulu ow'entiisa olwa Mukama nga terunnaba kutuuka, buli alikoowoola Erinnya lya Mukama alirokoka."'

84. Awo bwe baawulira ebyo, emitima gyabwe ne gibaluma, ne bagamba "Abasajja ab'oluganda, tunaakola tutya?"

85. Peetero n'agamba, "Mwenenye buli muntu mu mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggibwako ebibi byammwe, era munaawebwa n'ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu. Kubanga okusuubiza kwa mirembe gyonna egiriddawo." Era kati tukiraba.

86. Kaakati twagala okulaba engeri gye tuyingira mu Ye. Tuyingira tutyamu kifo kino eky'okusinzizamu? Abakkolinso Ekisooka 12, kimala byonna, kubanga, "N'Omwoyo omu!" Si n'ekkanisa emu, si n'ekikwate ekimu, si n'omusumba omu, si n'omulabirizi omu, si ne kabona omu. Naye, "N'Omwoyo Omutukuvu omu ffenna twabatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu," nga gwe Mubiri gwa Yesu Kristo, era n'okugondera buli kirabo ekiri mu Mubiri ogwo. Yee, ssebo! Si kwegattako bwegassi, si kutontoma bikwate, si kubejjereza, okuginya, kusikanngana mu mikono, oba ekintu ekirala kyonna. Naye, olw'okuzaalibwa tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gwa Yesu Kristo! Amiina. "N'Omwoyo Omutukuvu omu ffenna twabatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu."

87. Era Omubiri ogwo kye ki? *"Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'afuuka omubiri naabeerako gye tuli"* Tuyinza tutya okubeera mu Mubiri *ogwo ate ne twegaana Ekigambo ekimu ku Gwo, oba ne tuteekawo ekintu ekirala ekitali na mu* Mubiri ogwo? Tuyinza tutya okukikola? Ekifo kya Katonda kye yeeroboza!

88. Weetegereze, bw'oba nga mazima wabatizibwa okuyingira mu Ye, amazima amatuufu gali nti, omukkiriza, Kigambo.

Oyinza otya okubeera ekitundu ku Ye ate n'omwegaana? Nnyinza ntya okwegaana omukono gwange, okubeere omukono gwange? Bwe waba nga... Bwe nkikola, waba waliwo ekikyamu ku bwongo bwange. Era nyinza_ntya?

Erinnya lya Katonda, era yali Katonda. Ekyo kye yali, kye kifo ekyerobozebwa era ekifo kyokka eky'okusinzizaamu Katonda.

80. Era Katonda agaana ebifo ebirala byonna ebitali Yesu Kristo; tolina walala wonna w'osobola kumusinziza. Yagamba, "Bansinziza bwereere, nga bayigiriza amateeka g'abantu ng'eby'okukwata." Leero tulina ebikwate, ebigunje, na buli kimu, ebiyigiriza nti lino ly'ekkubo oba liri ly'ekkubo.

Era Yesu yagamba, "Nze Kkubo, Amazima, n'Obulamu era tewali ajja eri Kitange wabula ng'ayise mu nze." Mu ngeri endala, "Nze Mulyango ogw'ekisibo ky'endiga. Abalala bonna babbi." Ye kye kifo kyokka awayitirwa. Gwe Mulyango. Lye Kkubo, Amazima, n'Obulamu, buli kimu; awayingirirwa wokka, ekifo kyokka, awasinzibwa wokka, era Erinnya lyokka.

Buli kintu kisibiddwa ku Yesu Kristo. Endagaano Enkadde yonna esibiddwa ku Ye. Endagaano Empya esibiddwa ku Ye. Era leero n'ekkanisa esibiddwa ku Ye, n'Ekigambo ky'ebiragiro Bye. Tewaliiwo kifo kirala kyonna, oba erinnya eddala lyonna, oba awalala wonna, Katonda we yali asuubizza okusisinkanira omuntu; okujjako mu Yesu Kristo mwokka, Ye kye kifo ekyerobozebwa okusinzizangamu.

81. Weetegereze, Katonda yasuubiza okusisinkana abamusinza mu kifo kino kyokka era okwo kwe kweroboza Kwe; si kweroboza kwaffe, si kulowooza kwaffe; naye okulowoozaKkwe, okweroboza Kwe. Kati kirina kuba kifo we yateeka Erinnya Lye awo we Yalonda. N'olw'ekyo tukiraba nti tumaze okuzuula Erinnya Lye wa we lyali, ekyo kye yeeroboza, olw'okweroboza Kwe Mwennyini.

82. Kati nga bwe tuzudde ekifo mwe yatuuza Erinnya Kye, ng'era, liri, mu Kristo Yesu, era tewali kifo kirala, oba linnya ddala, Mukitegeeredde ddala ekyo? Mugambe, "Amiina." [Ekibiina kiddamu, "Amiina."—Omuwa.] Kati, ekintu kiri nti, bwe tuba tulabye ekifo we . . . Ekifo aw'okusinzizatekiri walala okuggyako, mu Kristo mwokka.

Oyinza okwenenya, ekyo osobola okukikola, naye tonnatandika kusinza. Okyasaba busabi kusaasirwa. Peetero yagamba. . .

Ku lunaku lwa Pentekoote, bwe baabalaba bonna nga boogera mu nnimi, n'obubonero n'ebyamagero nga bibaawo, ne batandika okusekerara, ekkanisa kye yakola, baagamba, "Abantu bano batamidde omwenge omusu. Beeyisa ng'abantu abatamiivu, bwe . . ." Embeerera Malyamu, bonna, baali wamu, baali kikumi mu abiri. Era baali batagala ng'abatamiivu, nga boogera mu nnimi, era obutasirika. Era ne bagamba, "Abantu bano batamidde omwenge omusu. "



**65.** Waliwo abantu abalungi mu nsi, amakkanisa amalungi; naye waliwo Mukyala. Yesu Kristo omu, era oyo gw'Akomawo okutwala. Awo we wali Erinnya Lye. Awo w'asinzirwa, mu yo, mu yo yokka. Bwe kiri. Oh, yee, ssebo. Ekyo tukirabye nga kituufu.

**66.** Kati, y'ensonga lwaki, "Buli kyonna kye tukola mu kigambo oba mu kikolwa, tukikola mu Linnya lya Yesu Kristo."

"Tewali linnya ddala wansi w'eggulu eryatuweebwa olw'okulokolebwa, wabula Erinnya lya Yesu Kristo." Bikolwa by'Abatume, essuula 2, egamba bweti , "Mutegeere kino. . ." "Tewali linnya ddala eryatuweebwa wansi w'eggulu omuntu okusobola okulokolebwa, wabula mu Linnya lya Yesu Kristo." Amiina. Nsuubira mukifuna. Erinnya lya Yesu Kristo, buli. . .

Waggulu mu Ggulu waatuumibwa Ye, "Buli kika ky'omu Ggulu kyatuumibwa Yesu," Baibuli bw'egamba, "Ne byonna ebiri mu nsi by'atuumibwa Yesu." N'olw'ekyo eryo lye Linnya Katonda lye yeeroboza era n'awo we yalituuza. Ekyo kye kifo Kye w'asinzirwa, kiri mu Yesu Kristo. Kati, nga bwe tumanyi nti bwe kiri, tewali kifo kirala wa kusinziza naye mu Ye.

**67.** "Tewali linnya ddala wansi w'ensi eryaweebwa omuntu, we bateekwa okulokolebwa." Lye Linnya lya Katonda ery'obununuzi. Katonda alina Erinnya Yakuwayire, Yakuwa-rapha, Yakuwayire. "Mukama asonyiwa ebibi byo byonna." *Yakuwa-rapha*, "Mukama awonya endwadde zo zonna." Yalina ebitiibwa bingi. Naye alina Erinnya limu ery'obununuzi, ery'omu lubu lw'omuntu, era eryo lye Linnya lya "Yesu." Eryo lye Linnya Lye lye yeeroboza okubaako w'alituuza. Yalituuza wa? Yalituuza mu Kristo.

Mbuuliraayo ekkanisa emu esobola okugamba nti tebakolangako kikyamu. Mazima, tewali n'emu ku zo, kizibu nnyo, naye okuggyako eyo eyatemula n'ekola buli kintu kyonna ekyagiwandiikirwako, kizibu nnyo. Kati olwo ne zeeyita . . . Nedda, mu kibiina ky'eddiini kyonna oba mu kikwate kyonna, tewali kifo kya Katonda eky'okusisinkaniramu okusinza.

**71.** Mikwano gyange, saagala kubalumya, naye nvunaanyizibwa olw'Obubaka, era Obubaka obwo bugamba, "Muve mu muvuyo guno!" Era bwe mba mbagambye okufuluma, wa wembatwala? Mbatwale mu Branham Tabernacle? Nayo erina ensobi ng'endala zonna bwe ziri.

Naye waliwo ekifo kimu gye nnyinza okukutwala, gy'oyinziza okuba n'obukuumi era n'otangirwa okufa, eyo mu Yesu Kristo, ekifo kya Katonda aw'okumusinzizanga. Ekyo kye kifo kye mbooleka, ekiro kya leero, Katonda gye yatuuza Erinnya Lye. Eyo gye yasuubiza okusisinkanira buli muntu

ayingirayo, Anasinziza wamu naye era anaalira wamu naye mu Kristo; si mu kkanisa, era si mu tabernacle.

Wabula, mu Kristo, Ye ye Yeekaalu ya Katonda. Kye kifo Katonda mwe yajja, Mwene, n'atuula. "Ono ye Mwana wange gwe nsanyukira ennyo okutuulamu." Katonda yatuula mu Oyo, yaddira Erinnya Lye, n'alissa ku Yesu Kristo. N'olw'ekyo, Erinnya Lye lyatuuzibwa mu Muntu, Omwana We Yesu Kristo, omwo mwe yatuula, mu Yeekaalu eyo.

Kati, mu kugeraageranya, Yerusaalemi ow'edda, mu mbaga ez'edda, mu Yeekaalu ey'edda kyali kifaananyi ekiraga; omukka bwe gwajja, olunaku essanduuku lye yayingizibwa, eyo y'endagaano, n'etuuzibwa, eddoboozi lya Mukama lyawulirwa okugivaamu.

Bwe kityo Eddoboozi lya Katonda lyawulirwa, nga lijja mu Yeekaalu, ye Yesu Kristo; nga, Enkadde (eby'omubiri) kyali kisiikirize eky'Empya. Kati bwe yajja mu Kristo, yagamba, "Ono ye Mwana wange gwe nsanyukira ennyo okutuulamu. Era ndyeroboza ekifo we ndituuza Erinnya Lyange, era we naasisinkaniranga omuntu era we banansinzizanga." Katonda yeeroboza ekifo; si mu kkanisa ya kibiina kya ddiini yonna, naye mu Kristo. Yee, ssebo.

**72.** Era ateekwa okuba nga "taliiko kya kunenyezebwa," nga bwe nnagambye. Tewali kibiina kya ddiini kiyinza ku ky'ekakatiikako. Bwe bakikola; babeera balabe ba Kristo.

**73.** Kati, tulaba wano, weetegereze ekisiikkirize Kye nate ekyali kimwoleka. O—omwana gw'endiga gwakuumibwa. Kati, kino kisangibwa mu Okuva 12, bw'oba ng'okiwandiika, Okuva 12: 3 okutuuka ku 6),omwana ogw'endiga gwalinanga okukuumibwa ennaku nnya nga gwekebejjebwa okulaba nga gusanidde okusaddaakibwa. Yalina okutwalibwa – okwekebejjebwa emirundi n'emirundi okumala ennaku nnya okulaba oba nga teriiko bulema, okulaba oba erina obulwadde bwonna, okulaba oba ng'omwana gw'endiga guliko ekikyamu kyonna. Gwalina okukuumibwa okumala ennaku nnya.

74. Kati, weetegereze. Omuntu yandirowoozeza ekyo kyabeerawo nga – gwattibwa ku kumi n'annya, naye jjukira, baatwala omwana ogw'endiga ng'ennaku z'omwezi kkumi ne bagitta ng'ennaku z'omwezi kkumi n'annya , mulaba?, bwe gwakuumibwa okumala ennaku nnya.

**75.** Kati, Yesu, Erinnya lya Katonda, Omwana gw'Endiga, yayingira mu Yerusaalemi era Teyafuluma okutuusa ng'Amaze okufa, okuziikibwa, era n'okuzuukira. Yakuumirwa wansi wa bakolokosi okumala ennaku nnya emisaana n'ekiro. Nga kyayolekera ddala omwana gw'endiga ogwo,



ogwakuumibwanga ennaku ennya. Awo Piraato we yagambira, "Nze siraba musango gwonna mu Ye."

**76**. Ekisiikirize ekirala ekimwoleka,tewali ggumba lya kumenyebwa mu Ye, kyatuukirira, bwe bataasobola. Mu kutta ssaddaaka, nga tebamenya ggumba lyonna. Bwe kyabangawo, yagaanibwanga. Era baali baggyeyo ennyondo okumenya amagumba mu bigera bya Kristo, bwe baagamba, " Amaze okufa." Ne bamufumita mu mbiriizi Ze ne balaba Omusaayi n'amazzi.

**77.**Weetegereze nate wano ekintu ekirala ekikulu. Siyinza kukiyitako, kubanga yalagibwa ne mu kiweebwayo, ekiweebwayo, ky'ekijjulo.

Nzijukira lumu mu baalina essomero mu Bayibuli, elyayitiibwanga essomero lya bannabbi, era ddala lyali ssomero. Era tukiraba nga lumu Eriya yagenda ku ssomero eryo, ne bamugamba, "Ffe . . ." Ne bamusaba abaaviire, nga bagamba, "Bw'obeera wano, ebintu byeraga nnyo." Kale ne baagala abaviire.

Ne bagenda okumufunira eky'eggulo, era ekibiina kya bakabona ne bagenda, bayite bannabbi, okumufunira kawo okumufumbira eky'okulya, Kati bwe baakikola, ne bakunngaanya amaboga mangi; bwe baakomawo, gaali maboga ga mu nsiko, agaali gatta, ne bagateeka mu ntamu. Bwe gaatandika okwesera, kati bo, omu, n'agamba, "Zitusanze, mu ntamu mulimu okufa. Kati tetusobola na kubirya."

Eriya n'agamba, "Mundeetere ku mmere." N'akwata amaboga n'agasuula mu ntamu, n'agamba, "Mulye, entamu ewonyezeddwa."

78. Ekiweebwayo oky'ekijjulo yali Kristo. Buli ddoboozi lyali liteekwa kuba kye kimu, era na buli kijjulo yonna kyali kiteekwa kutegekebwa kye kimu, olw'ekiweebwayo eky'ekijjulo. Okulaga, nti, Ye muwonya. Yatwala ekifo ekyo, bwe yaggyawo okufa, n'ateekawo Obulamu; olw'ebiwayi by'amateeka ebibiri. Aleruuya! Mu kifo ekimu, awali okufa; Kristo bw'ayingirawo, obulamu bujja. Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Era awaali okufa, waafuuka Bulamu, kubanga Kristo yayingizibwa, ekiweebwayo eky'ekijjulo.

**79**. Nga ssomo lya kitalo ebintu bino bye liyinza okubeera singa tutwala obudde netubyekkaanya! Kati weetegereze, tewali kigambo n'ekimu eky'ebisiikirize ekitatuukirira, Buli kimu kyali kabonero akatuukiridde.

Ye kye kifo kya Katonda kye yeeroboza, eky'okusinzizaamu, n'Erinnya lya Katonda lyaweebwa Ye. Ye kye kifo kya Katonda eky'okusinzizangamu. Ye kye Kigambo kya Katonda, era Ye lye Linnya lya Katonda. Ye byombi Ekigambo kya Katonda era Erinnya lya Katonda. "Yeyali Kigambo eyafuuka omubiri." Ye yali Ekigambo kya Katonda, Omwana gw'endiga gwa Katonda,